# Emyaka 40 egy'obuweereza bwe bw'eru

## Mugende mu nsi zonna ...

## Am'azima agakaluba mangi ...



nga Baibuli bw'eyogera n'omuweereza

E. Frank

**"Yesu Kristo jjo ne leero aba bumu n'okutuusa emirembe n'emirembe"**
(Abaebbulaniya 13:8)

# Ebbaluwa Omwezi gw'ekkumi n'ebiri 2005

## Okutunuliramu byayita, ebiriwo, ne bijja mu maaso

Ab'oluganda abagalwa ne bannyinaze mu Kristo, abemikwano, mbalamusako n'okwagala kungi n'ekyawandiikibwa okuva mu kitabo ky'Ebikolwa by'abatume 20:26-27,

> *"Ky'enva mbategeeza leero nti nze ndi mulongoofu olw'omusaayi gwa bonna, sseekekanga kubabuulira kuteesa kwa Katonda kwonna."*

> era ne kyawandiikibwa kino okuva mu Kubikkulirwa 1:4,

> *"Ekisa kibeerenga nammwe n'emirembe ebiva eri oyo abaawo era eyabaawo era ajja …"*

Omuntu yenna awandiika ku ntegeeka ya Katonda ey'obulokozi n'obuntu alina okuteekamu ebyayita, ebiriwo era ne birijja. Ebyariwo mu bwakabaka bwa Katonda mu biseera ebyayita ebyeyongera okutuusa ne kaakano ebigenda mu maaso era ku lw'ekyo byeyongera mu maaso nga ebyo ebijja. Abaana ba Katonda ab'amazima abakulemberwa n'omwoyo omutukuvu bulijjo babeera kitundu ku ebyo Katonda byakola mu biseera byabwe. Bateeka ebintu mu butuufu bwa byo ebyo ebyaliwo edda, basoobola okufuna ekifo kyabwe ekituufu mu ntegeeka ey'obulokozi mu biseera byabwe, era ne bateekebwa ddala nga bagumivu mu bisuubizo, era nabo balina okutegeera okulambulukufu okw'ebyo ebiribeerawo mu biseera ebijja.

Ekyokulabirako, abo abayaniriza Yokaana Omubatiza nga omuntu eyatumibwa okuva eri Katonda (Yokaana 1:6-7) baali si bakakanyavu mu kukkiriza obuweereza bwa Yesu Kristo. Oyo eyatumibwa okuteekateeka ekkubo yalina omulimo okukyusa emitima gy'abakkiriza ab'endagaano enkadde eri okukkiriza okw'abaana mu ndagaano empya. (Lukka 1:16-17). Abayigiriza n'abafalisaayo beegaanira okubatizibwa ne Yokaana era ne beegaanira okuteesa kwa Katonda (Lukka 7:30). N'olwekyo tebaalina kitundu kyonna ku ebyo Katonda bye yakola okuva ku ntandiikwa y'ekkanisa y'endagaano empya. Baasigalira mu buwangwa bwabwe obw'enzikkiriza. Baali bafiira ddala eyo mu ekyo. Tebaayingira mu bwakabaka bwa Katonda bennyini era ne baziyiza n'abantu okukikola. Eno y'ebadde ensonga okuyita mu kaseera akaayita konna n'abaweereza era nabo abaalowooza okuba mu kwagala kwa Katonda, buli kiseera Katonda bwe yakola ekintu kyonna ku nsi. Bwekityo bwe kiri ne kaakano, era kiribeera bwekiti n'okutuusa ku nkomerero. Okuva lwe baatategeera olunaku lw'okukyala kwa Katonda, baggaanibwa era Mukama yennyini yabalangirirako omusango (Lukka 19:41-44).

## Emyaka anna – ebiseera bya Baibuli

Ne Musa, Nnabbi asinga amaanyi ow'endagaano enkadde, era ne Dawudi, kabaka wa Isiraeri eyali yafukibwako amafuta okusinga abalala bonna, waaliwo ekiseera ky'emyaka 40 mu bulamu bwa buli omu obwali ekyokulabirako ekirungi nga okwagala kwa Katonda n'abaddu be era n'abantu be. Ekintu kyonna ekikolebwa mu ntegeeka ya Katonda ey'obulokozi, oba kiri ku Isiraeri oba ekkanisa, kiba kyateekebwayo edda era bwe kityo be bo abaali ekitundu ku ekyo. Era bwe kityo ebigoberera bulijo bituukirira, *"… naye abaalondebwa baakiraba …"* (Abaruumi 11:7).

Ng'omusingi gw'ensi tegunabaawo, ng'olubereberye terunabaawo, ng'ebiseera tebinabaawo Katonda yali yasalawo dda entegeeka yonna ey'obulokozi. Ya manya nti Omwana we omubereberye Adamu, gwe yatonda yennyini, mu ngeri yonna ng'alina okugwa, mu mubiri guno ogw'enyama. So bwatyo yalina okusalawo nti Omwana we ow'obulenzi omubereberye, ow'okubiri Adamu, yali wakulabikira mu mubiri ogw'enyama okutununula okuva mu kugwa era ne mu kufa, kwali kugidde abantu bonna. Adamu yakolebwa mu kifaananyi kya Katonda (Olubereberyr 1:27; Oluberebeye 5:1), *Kristo ye yali ekifaanayi kya Katonda* (2Abakkolinso 4:3-6; Abaebbulaniya 1:3).

Kimanyiddwa bulungi nnyo nti mu myaka egiyise ebittaano, okuva ku kuyitamu kw'okuza obuggya, enjiri nate ebuulirwa. Okuza obuggya okw'enjawulo okw'agoberera kw'ali essuula empya era kw'aweereza ng'okweteekerateekera okuza obuggya okudako. Emyaka nga kikumi egiyise, essuula empya enddala n'ejja okuyita mu kuzibwa obuggya okw'abapentakooti, mu ekyo omwoyo gwa Katonda gw'atambula mu ngeri ey'amaanyi. Emyaka nga nkaaga egiyise, Katonda nate n'akola essuula empya n'okuyitibwa akw'amaanyi ga Katonda William Branham mu mwezi gw'okutaano 7, 1946. kino kyavamu okuyitamu okunene okw'obulokozi era n'okuzibwa obuggya okw'okuwonyezebwa, okukya genda mu maaso mu kubuulira okw'enjawulo, newakubadde nga Omusajja wa Katonda yatwalibwa mu kitiibwa mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 24, 1965.

Olw'ekisa kya Katonda ndina omukisa okutegeera ekyo Katonda kye yasuubiza eri ekiseera kino era nage mu buntu okubeera ekitundu ku kyo, era n'olwekyo nandyagadde okugabana nammwe ebintu ebyagatira ddala ku ntegeka ey'obulokozi era n'okulaga omusana mu myaka makumi anna agiyise. Ekigendererwa kwe kulaga ekyo Mwkama waffe kyakoze mu bantu be okumala akaseera, ng'anakyo kitundu ku byafayo by'obulamu bwange. Bonna balina eddembe okutegeera ku eyo essuula empya era n'okweyongerayo okw'ebyewunyo. N'amanya Ow'oluganda Branham era twalina enkolagana ng'abantu okumala emyaka kkumi. Nze manyi bulungi okuyitibwa kwe era n'ekiragiro. Yawandiikibwa mu byafayo ng'omuntu eyatumibwa okuva eri Katonda; n'obubaka bwe, obulina omusingi gwabwo okuva mu Kigambo, ddala kituufu, newakubadde ng'abamu bagezako okukiwakanya, okukulembera okujja okw'okubiri okwa Kristo, nga bwe kyayogerwa gyali mu mwezi

gw'omukaaga 11, 1933. Bw'endaga eby'okulabirako engeri Mukama bw'akulembedde era n'anokolayo obumanyirivu obumu, awo ne kiryoka kibeera kyangu omuntu yenna okumanya ebyo Katonda byakoze era ne bye yeyongera okukola mu biseera byaffe.

Okusooka kwa byonna n'alina omukisa okubeera mu nkunggana ez'Ow'oluganda Branham mu Karlsruhe, Germany, ezategeekebwa mu mwezi gw'omunana 13 – 19, 1955. Bwali bumanyirivu obw'enjawuloo era okuva ku lunaku olwasooka n'amatizibwa nti tewali muntu yenna ayinza kukola emirimu gino egyalabibwa okuggyako nga Katonda ali mu ye era n'abikola. Ddala byaliwo: Abatulu baalaba mu kiseera kyennyini, abalema ne batambula, abalwadde ne bawona. Ndabye e nnaku za Baibuli. Ndabye ebiseera by'obutume; nze mu butuufu ddala ndi mujulizi eyalaba era eyawulira. Nga kiseera kya mukisa! Nali mbuulira okuva mu 1953, naye bwe nalaba ebyo Yesu Kristo bye yakola mu nkunggana zino lunaku ku lunaku mu maaso g'abantu nkumi, awo n'endyoka manya nti Yesu Kristo jjo ne leero aba bumu n'okutuusa emirembe n'emirembe. Nayagala okumanya kiki omusanjja ono kye yali ayigiriza, Kubanga nalaba nti Katonda yali naye.

Nali manyi ku nzikkiriza ez'enjawulo n'ejigiriza. Naye kaakano nali njagala okumanya ebikwata ku njiri ey'amazima, n'enjigiriza ey'amazima Katonda mu maanyi mangi kye yakakasa mu maaso gange. N'okulindirira okugumivu n'etaba ku "Lukunggana olw'eddoboozi ery'okuwonyezebwa" mu Dallasi, Texas, USA, olwategeekebwa ne Gordon Lindsay nga lwa mwezi gw'omukaaga 6, 1958. Mu biseera bw'obuweereza obw'okumakya n'obwe ky'egulo, Ababuulirizi abamanyiddwa ensi yonna ab'omuyaga ogwasooka ogw'okuza obuggya baali babuulira. Obuweereza obw'ekyegulo Ow'oluganda Branham ye yali omwogezi omukulu. Ekyo kyampa akakisa okusobola okugerageranya, era ne nnaku essaatu ezisooka zaali zisingako okumala okufuna okulambulurwa.

Nga Mukama waffe nga Omwana w'omuntu bwe yalaba mu kwolesebwa ebyo ebiri beerawo, *"…Omwana tayinza yekka kukola kintu, bw'atalabira ku kitaawe ng'akola…"* (Yokaana 5:19-20), Ow'oluganda Branham naye yalaba mu kwolesebwa okubonaabona kw'omuntu ayimiridde mu maaso ge era nga yalina okumusabira. Buli bwe yalabanga omuntu ng'awonyezebwa, yali ng'agamba n'obuyinza bw'obw'akatonda, awatali kya kwekwasa newakubadde bulwadde ki omuntu bwe yalina, "W'onyezebwa mu linnya lya Yesu Kristo omunazaaleesi! Okukkiriza kwo kwe kukuwonyeza." era ne kibeerawo mu kiseera kyennyini! Okuyita mu buweereza buno obulungi bwali bwatuukirizibwa ne Mukama waffe ng'agamba mu Yokaana 14:12: "…Akkiriza nze emirimu gye nkola nze, naye aligikola…" Obukadde n'obukadde bw'abantu babilaba mu biseera by'obuweereza bwe. Tekisobola kuwakanyizibwa, kisobola okuganibwa. Enjawulo wakati w'Oluganda Branham n'ababuulizi abalala bonna yali nkola yamateeka ey'obwakatonda mu buweereza bwe katonda bwe yamuwa.

Ng'obuweereza bw'olwegulo lumu terunnabeerawo mu Dallas n'asobola okwogera n'ow'Oluganda Branham era n'emugamba, "Ow'oluganda Branham, kukkiriza okuba omuntu eyatumibwa okuva eri Katonda. Ndaba enjawulo wakati wo era n'ababuulizi abalala bonna. Nandyagadde okumanya kiki kyokkiriza era n'okuyigiriza." Nali sirina magezi ga "bubaka" mu biro ebyo. Eky'okuddamu kye kyali, "Genda ye Leo Mercier, oyo yafulumya entambu z'okubuulira kwange. Mugambe okuwe ntono ku zo." ku nkomerero y'okwogerezeganya kuno n'agamba, "Ow'oluganda Frank on'ogenda mu Germany n'obubaka buno."

olunaku olwadako n'engenda ye Leo Mercier era n'empebwa entambi ttaano. N'angamba "Ow'oluganda Frank, olina okusooka okuwuliriza okubuulira kuno awo olyoke otumanyise oba ng'oyagala okufuna obulala bungi." Okuddamu kwange kwali, "Yino endagiriro yange, ddala, ntumira buli kubuulira Ow'oluganda Branham kwa buulira." Bwe kityo okuva mu 1958 nafuna buli bubaka obwateekebwa ku lutambi Ow'oluganda Branham lwe yabuulira mu USA.

Okuyitibwa kwe nafuna okuva eri Mukama mu mwezi gw'okuna 2, 1962, kumanyiddwa eri abo bonna abekussa ku bubaka bw'enkomerero. Nakyo kimanyiddwa bulungi nti Ow'oluganda Branham yakikakasa mu maaso g'ab'oluganda Banks Woods ne Fred Sothman, bombi ku bo abakyali abalamu, mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 3, 1962. Era awatali kubuusabuusa kwonna Katonda akikakasiza okumala emyaka egisoba mu anna egiyise.

Nga tunnatera okukomenkereza okwogerezeganya kwaffe Ow'oluganda Branham n'agamba, " Ow'oluganda Frank, emeere yolina okuteereka kye kigambo ekyasuubizibwa eky'ekiseera kino ekyabikkulwa n'Omwoyo omutukuvu … Naye lindirira okugaba emeere okutuusa ng'ofunye endala yonna." nali ndina okukkiriza ekyo, oluvannyuma ng'amaze okufuna okudibwamu waggulu n'okutuusa awo, nali sitegedde ekitundu kino. Nali ndowooza nti ekiseera kyange kituuse. Kyandetera ennaku nti nalina okulinda. Wokka oluvannyuma kyafuuka kyerufu gye ndi nti okulindirira kwali kulaga kitundu eky'okubiri, ekyokulabirako okugaba emeere nnabbi Branham gye yatereka, si mu kitundu ekyasooka, okugenda kibuga ku kibuga era n'okubuulira Ekigambo kya Katonda.

Okwogerezeganya kw'agenda mu maaso. Amangu ddala Ow'oluganda Branham yakiyimiriza era n'agamba, "Ow'oluganda Frank, tolina kweralikirira ku lugendo lwa Pawulo okugenda e Yerusaalemi, kubanga kyali mu kwagala kwa Katonda." okumala emyaka mingi kintabudde era siyinza kutegera lwaki Pawulo yagenda mu Yeekaalu, nalayira era okusinzira ku teeka yasasulira obulongoofu bwe yennyini era nabo abamwegatako (laba mu bikolwa byabatume 21). kyalabika obutakwatagana kye yalinako obumanyirivu era ne kye yali abuulira. Awo, emyaka mingi egiyise, mu kumaliriza n'engamba, "Pawulo, bwe kulaba mu ggulu, ndi kubuuza lwaki wakola kino." mu kwogerezeganya kuno awatali kubuusabuusa salowooza ku ekyo mu ngeri

yonna. Katonda ow'omu ggulu amanyi ebintu byonna yabibikkulira nnabbi we. Mu kiseera ky'okwogerezeganya kuno Ow'oluganda Branham naye yangamba nti, Katonda ng'ayagadde, ye ne David Duplessis tulijja mu Germany, eky'omukisa omubi kino tekyatuukirira.

Ku kikwata ku Germany, ekibuuzo kibadde kitekeddwa ku nze okumala akaseera oba nga waliwo ekikolimo ku Germany kubanga abatemu ab'abantu obukadde 6 obw'abayudaaya mu biseera by'okufuga kw'abanazi okw'okusatu. Ekyo bwe kutyo bwe bawulira okusingisibwa omusango mu makkanisa ga Germany okuvira ddala ku nkomerero ey'olutalo. Kaakano ng'amaliriza nali ndina okubuuza ku kino era eky'okuddamu kye kyali ng'ekintu ekitetegekeddwa, "Nedda, tewaliwo kikolimo ku Germany. Katonda alisalira omusango era alinenya abo bokka abaakola ekyo." nange nali njagala okutegeera okuva ku w'Oluganda Branham oba nga nali nsobola okusabira abalwadde. Eky'okuddamu kye kyali buterevu, "Ow'oluganda Frank, Katonda akuyise, era buli muntu yenna eyayitibwa okubuulira enjiri naye yayitibwa okusabira abalwadde. Nakyo kitundu ku kulagirwa kwe kumu." Ow'oluganda Branham nalyoka ambuuza singa nsobola okwogera eri abasajja abasubuzi ab'enjiri enzijuvu essuula mu Los Angeles. Yali yeteekateeka okugenda mu Tucson n'abomumaka ge ku ntandiikwa y'omwezi omubereberye era n'olwekyo nga tasobola kugenda mu Los Angeles. Yayogera ne Demos Shakarian, n'amutegeza ku kyo era so n'ali omwogezi omukulu ku ssuula mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 10, 1962, mu Clifton's Cafeteria. Ow'oluganda Branham naye yayogera gye ndi ebikwata ku Henry Martin owa Edmonton, eyali, nga bwe twakola mu Germany, yali awlirisa entambi ze n'akabinja akatono, nakyo omwali ab'oluganda ne bannyinaze aboogera olu German. N'olwekyo n'atambula okuva mu Los Angeles okugenda e Canada, ne sembezebwa n'ow'Oluganda Martin era nalyoka anyingiza mu nnyumba eyabakkiriza aboogera olu German. Ekyo nga wayise akabanga kyatuwa akakisa okufulumya ebitabo byaffe mu lulimi Olungereza era n'okubiweereza wabweru mu mawanga gonna ag'ensi.

## Essuula Empya

Nga simanyi nti Ow'oluganda Branham yatwalibwa ewaka mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 24, 1965, Nalaba ku lunaku olwo engeri gye yatwalibwa mu ggulu mu kire. Mu bumanyirivu buno n'engamba, "Ow'oluganda Branham, toli mwana w'amuntu, lwaki kulaba ku kire kino?" Nekitegeera oluvannyuma lwakyo nti kyali kiseera kye kimu Ow'oluganda Branham bwe yatwalibwa mu kitiibwa. Tekyali okutuusa ku ntandiikwa y'omwezi omubereberye 1966 olwo ne nafuna ebbaluwa okuva eri Ow'oluganda Armbruster okuva mu Pennsylvania, ng'entegeza ku kabenje akaliwo mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 18, era nalyoka atwalibwa ewaka nga wayisewo ennaku mukaaga. Ebiseera bitono nga biyisewo nakisanga mu Baibuli nti si Mukama waffe yekka eyatwalibwa mu ggulu mu kire, *"…ekire ne kimutoola…"* (Ebikolwa by'abatume 1:9), Naye ne

bannabbi ababiri batwaliddwa waggulu mu kire, *"Ne balinnya mu ggulu mu kire …"* (Okubikkulirwa 11:12). wokka nga ebiseera bigenderera n'entandiika okutegeera nti ddala tuli mu kiseera ekisinga omugaso mu ntegeka yonna ey'obulokozi.

Mu kiseera kyokuweereza kw'okutunula ekiro okw'omwezi gw'ekkumi n'ebiri 1965/66, omwoyo gwa Katonda gwa tambulira ddala mu ngeri esinga amaanyi mu makati gaffe. Ddala ab'oluganda ne bannyinaze 120 be bakunggana. Olwa BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA N'ayogera nange buterevu, "Omuddu wange, ntadde ekitala kyange mu mukono gwo." Ndina okutwala ekyo nti sisobola kukkiriza mu kiseera kyennyini ekyayogerwa, kubanga ebirowoozo byange byagenda eri Ow'oluganda Branham, mu mukono gw'ani ekitala kya Mukama mwe kyali kiteekeddwa. Awo wennyini tetwamanya ebikwata ku kutwalibwa kwe ewaka. Oluvannyuma n'ategeera nti Mukama Katonda mazima ddala yali ataddeko ekitala kye, ekitala eky'omwoyo, nga kye Kigambo kya Katonda, mu mukono gwange. Bwe kityo kyatambulira wamu n'okulagirwa kwange, "… ndikutuma mu bibuga ebilala okubuulira Ekigambo kyange …"

Mu mwezi omubereberye 19, 1966, natwalibwa mu mwoyo mu kifo ekigazi ennyo eky'okusinziramu. Oludda olumu ku kyo waliwo ekizimbe ng'esinzizo nga kuliko empagi enene era endala zali n'etolovu nga weema. Nali tudde ku mpagi enene n'endaba abantu bangi nga bali mu nsindikagano okuyingira mu kifo ekyo. Awo n'edyoka ndaba nti bonna nga batudde ku bitebe byabwe era nti abayaniriza abagenyi abaali bambadde akasipi ku mukono baali batambula waggulu ne wansi mu makati g'akazinga. N'endyoka ndaba Julius Stadsklev, eyali mukwano gw'ow'OLuganda Branham ow'okumpi ennyo, ng'ayimiridde mu maaso g'ekifo ekigulumivu. N'atunulira waggulu ku mpagi enene n'agamba "Ow'oluganda Frank, Kino kye kiseera kyo. Kka wansi kaakano." ne nyimirira n'ekka wansi ku madala agali gabikkuse okwolekera weema era nga kirabibwa n'ekumi ezali zikungganidde ku lw'olukunggana luno. Awo ne ndyoka ngenda mu kifo ekigulumivu ekiyimirirwamu nayimirira eyo okumpi n'ow'Oluganda Stadsklev, eddoboozi bwe lya yogera, "Tetukungganidde wano ku lwa Yokaana Omubatiza. Tukungganidde wano ku lwa William Branham, nnabbi wa Katonda, yatugibwako." Awo, amangu ennyo, eddoboozi n'eryogera nate, "Tunulira abantu abakungganye era oyogere nabo, "Okujja kwa Mukama kuli kumpi nnyo." mu kwolesebwa kuno n'etunulira ekungganiro mu weema eyo enene era n'ebagamba ebyo bye nalagirwa.

Ne walyoka wajja omwezi gw'okuna 11, 1966, olunaku omubiri ogw'okunsi ogw'ow'Oluganda Branham lwe gw'azikibwa. Gye ndi lw'ali lunaku olw'ogera okunakuwala. Si jukira kuba nabumanyirivu bw'ekintu nga kino nate. Nga sisobola n'akwegata mu kuyimba oluyimba "Okukkiriza kwokka …" ekyadibwamu emirundi n'emirundi. Nali njuziddwa, nakaaba era n'esaaba, ne njogera eri Mukama era n'emugamba, "Ddala njagala kumanya engeri ekkanisa ey'omugole bw'eyinza okweteekerateekera okukomawo kwo awatali buweereza

buno." Kyalabika newakubadde nga ensi yonna etabuddwa mu maaso gange ku lunaku olwo.

Nga buwungera ku lunaku olwo, n'enzirayo, ng'akoyedde ddala, mu woteli yange n'entula wansi, amangu ago bwe nakyeteekako n'empulira omugugu omunene ne gusitulwa okuva mu nze. Ennaku ennyinji n'eriggwaawo era essanyu eritagambika n'erijula munda mu nze. Nga mpulira emirembe gya Katonda era ne kyogera mu mutima gwange, "Kaakano ebiseera byo bituuse okubawa emmere ey'omwoyo." Katonda alabiridde ensonga yonna. Asalawo olubereberye bw'obuweereza, okweyongerayo kwabwo, era n'enkomerero. Kinabeera kitya mu ngeri endala? Naye ayawula essuula Empya era n'okweyongerayo kw'obuweereza obugoberera. Ng'okufa kwa Yokaana Omubatiza bwe kwali tekutegeerekeka eri abakkiriza ab'edda, so bwe kityo bwe kyali mu kufa kw'ow'Oluganda Branham ku lwa bangi mu kiseera ekyo. Bombi baali bamaliriza okulagirwa kwabwe, omu mu kujja okwasooka okwa Kristo, omulala, eyatumibwa okuleeta obubaka obw'obwakatonda mu nnaku zaffe, ng'okujja kwa Kristo okw'okubiri tekunnatuuka.

Olunaku olwaddako n'ayita ab'oluganda okukunggana era ne kisalwawo nti Okubuulira kw'ow'Oluganda Branham kwokka okwateekebwa ku ntambi okutuusa ku biseera ebyo, kaakano bisobola okufulumizibwa mu mpapula. Ow'oluganda Roy Borders yakkiriza okutwala obuvunanyizibwa obw'omulimu ogwo.

Tekyali kyangu eri Omutume Peetero okwogera kino ebiseera ebisinga obukulu bwe by'ajja, "*Abasajja ab'oluganda, mmwe mumanyi nti okuva mu nnaku ez'edda Katonda yalonda mu mmwe ab'amawanga bawulire mu kamwa kange ekigambo eky'enjiri ne bakkiriza." (Ebikolwa by'abatume 15:7). Yakobo n'akakasa ekyo Peetero kye yayogera n'okulangirira kuno kwennyini okw'omugaso, "Simyoni annyonnyodde Katonda bwe yasooka okutunuulira amawanga okuggiramu erinnya lye abantu Ebigambo bya bannabbi bitabagana n'ebyo nga bwe kyawandiikibwa nti …*" (vv.14-15).

Bw'entyo bwe nayawulibwa ne Katonda yennyini era n'epebwa omukisa okusitula obubaka okuvira ddala ku ntandiikwa okutuuka ku nkomerero y'ensi. Ku mukono ogumu kikwata ku kulangirira Ekigambo kya Katonda ekyamazima era ne ku mukono omulala nga kya kubawanga emmere ey'omwoyo, nga mw'otwalidde ebisuubizo byonna eby'ekiseera kino.

Nali mpuliziganya n'ow'Oluganda Branham bwe yali akyali mulamu. Ab'oluganda mu USA baali tebalinyangako bigere ku taka ly'ebulaya. Katonda nga bwe yakyawula so nti nze nga bwe nafuna okulagirwa okw'ennimi ssaatu, kubanga omuntu awulirwa mu mawanga gonna. Tewaliwo semazinga yonna ku nsi gy'entatwalangamuko bubaka. Mukama Katonda yennyini yagulawo enzigi n'emitima. Nga bwe kyali edda mu 1963 nali ntandise okuweereza mu bibuga ebilala mu nsi yaffe. Mu 1964 nafuna olugendo olwasooka okugenda mu bungereza, awo n'edyoka ngenda mu Buyindi, Yoludani, ne Isiraeri. Mu 1965 N'eyongerayo n'obuweereza mu mawanga ag'ebugwanjuba ag'ebulaya.

Oluvannyuma lw'abyo, nasobola okutegeka enkunggana mu Belgium, mu Netherlands, Germany, Switzerland, era mu Austria mu 1966.

Mu myaka ekkumi egyagoberera nagenda mu nsi 86, era mu myaka kkumi egyaddako omuwendo gweyongera okukula okusuka mu mawanga 120. ng'antambula ensi, mu kusooka nali mpisawo obubaka ku ndagiriro eya Jeffersonville eri ab'oluganda abakwatibwako ensonga mu nkunggana, basobole okutwala okubuulira kw'ow'Oluganda Branham okwateekebwa ku mpapula mu lulimi olungereza. Ku ntandiikwa y'omwaka 1970's Mukama yakikulembera mu ngeri bw'etyo nti Ow'oluganda Don Bablitz, ng'ayambibwako abantu batono, yasobola okutandiika okutuma wabweru okubuulira kw'ow'Oluganda Branham okuva mu Edmonton, Canada, mu nsi yonna. Yali Ow'oluganda Don Bablitz, oluvannyuma ng'abeera mu Whitehorse, Canada, ey'ajja okwogera nange ku lw'omukaaga olwo ku makya mu makati g'ensanvu. Yali yawangulwa n'amazima nti ab'oluganda okuva mu mawanga mangi we nali mbuulidde baali bamuwandiikira, nga babuuza okubuulira kw'ow'Oluganda Branham. Okwogerezeganya ne kugenda mu maaso, Ow'oluganda Bablitz naryoka agamba, Ow'oluganda Frank, tulaba Obuweereza bw'oluganda Branham mu Baibuli. Ate obuweereza bwo, kaakano obukolebwa mu nsi yonna? N'abwo busangibwa mu Baibuli?" nali nsuubira ng'alina enzikkiriza eyazimbibwa ku muntu era nakiganirawo ne kigoba ng'agamba, "Ddala kikomye. Obuweereza bwange bubeera butya mu Baibuli? Ekyo tekisoboka!" twakomenkereza okwogerezeganya kwaffe era ne tulyoka tusabira omulimu gw'ensi yonna, nga mw'otwalidde okutuma ebitabo ng'atwesigama ku kisa kya Katonda.

Era nate nekibeerawo nga tekisuubiddwa era mu bwangu: Olwaddako ku makya omusana gwali gwakira mu kisenge nga bwe natuuka ku mukono gwange ogwa ddyo okukwata Baibuli yange, Mukama bwe yayogera nange n'ebigambo ebigoberera, "Omuddu wange, nakwawula nga Matayo 24, olunyiriri 45-47, okubawanga emmere." Nali si buulirangako ku kyawandiikibwa kino emabega era n'okutuuka awo nali simanyi nti nakyo gye kiri, ekyo kyokka kyali kisuubizo okuva ku lulimi lwa Mukama waffe. Awo wokka ne ndyoka soma ekyawandiikibwa ekyo era ne kiba kikangabwa gye ndi okusoma kale aluwa nate omuddu oyo omwesigwa ow'amagezi, Mukama we gwe yasigira ab'omu nju ye, okubawanga emmere yaabwe mu kiseera kyakyo? Pawulo yawandiika mu kuwa ekyokulabirako ku makulu g'ekyawandiikibwa kino eri mukozi munne Timoseewo, *"Bw'onojjukizanga ab'oluganda ebyo, onoobanga muweereza mulungi owa Kristo Yesu, ng'okulira mu bigambo eby'okukkiriza n'eby'okuyigiriza okulungi kwe wagoberera."* (1Timoseewo 4:6).

Omu alina okusoma ennyiriri ezisooka ettaano era omwo ennaku ezo ez'akatyabaga we zogerwako, okugwira ddala okuva ku kukkiriza n'emirimu gy'emyoyo egikyamya era n'enjigiriza nga ziva ku dayimooni. Awo wokka turyoke tutegere omugaso ogw'ekigambo kino era n'esira eyateekebwa ku njigiriza eyamazima, nga kye kyokka ekitulunggamya. Ebiseera biri kumpi. Ekyawandiikibwa kino nakyo kiri kutuukirira mu bwakabaka bw'ombi. Mu kifo

ekisooka obuweereza buno bwa bonna ab'oluganda abaweereza, basobole okuteeka ekigambo kya Katonda ekyabikkulwa mu ntegeka ey'omwoyo era n'okuleeta emmere ng'emmere etegekeddwa abaana ba Katonda ku meza ya Mukama. Kintu kimu okuteereka mu maduka gonna ag'emmere okubeezawo obulamu, era kintu kirala okuleeta emmere etegekeddwa eri abantu okusobola okukusa enjala yaabwe ey'omwoyo ne manu ekwekeddwa. Katonda n'agamba, *"Laba, ennaku zijja, bw'ayogera Mukama Katonda, lw'endiweereza enjala mu nsi, eteri njala ya mmere newakubadde ennyonta ey'amazzi, enjala ey'okuwulira ebigambo bya Mukama …"* (Amosi 8:11).

Awatali kubuusabuusa tekyali kya kakisa nti Matayo 25 kwe kuyita okw'okuzuukusa, oluyoogaano ekiro mu ttumbi, *"Laba, anaawasa omugole ajja…"* kidirirwa oluvannyuuma lwe ssuula 24. Obubaka obusembayo bugenda buterevu eri abawalala abalina amagezi balongoofu. Abo bokka abali ekitundu ku kkanisa ey'omugole anasembeza ekigambo ky'anaawasa omugole ekitufuula abalamu abawala abalongoofu abalina amagezi, abaliba beeteeseteese mu kujja kw'anaawasa omugole baligattibwa ku buweereza bwa Katonda obw'ayawulibwa. Ekikyali ekyamazima kye tukyasoma n'okutuusa leero mu 2Abakkolinso 11:2, *"Kubanga mbakwatirwa obuggya bwa Katonda: kubanga nnabafumbiza bbammwe omu, ndyoke mbaleete eri Kristo nga omuwala omulongoofu."*

Nange nsobola okwogera nti mu linnya lya Mukama, *"Mmwebaza oyo eyampa amaanyi, ye Kristo Yesu Mukama waffe, kubanga yandowooza nga ndi mwesigwa bwe yanteeka mu buweereza …"* (1Timoseewo 1:12).

Obuweereza obusembayo bw'ayawulibwa ne Katonda yennyini nga mwotwalidde byombi okulangirira Ekigambo ekitaliggwaawo era n'okubawanga emmere ey'omwoyo, era alyoke alabikire mu kumalirizibwa kwe kkanisa ey'omugole. Siri mumwa gwa luuyi lumu olwa Branham oba Omutume Pawulo. Nsobola okwogera kino n'obuyinza bw'obwa Katonda: Ndina okubeera kammwa ka Katonda okulangirira okuteesa kwonna okwa Katonda, nga nteeka mu nkola enjiri etaliggwaawo nga bwe yabuulirwa n'omutume Pawulo n'ow'Oluganda Branham. Tewali n'omu ayinza kumpulira ng'akiddinggana nti "Nnabbi yagamba …nnabbi yagamba …" Sa yitibwa na mutume Pawulo oba Ow'oluganda Branham, nayitibwa n'oyo Mukama Yesu Kristo eyazuukira. Okutuusa ku nkomerero yennyini Ekigambo kya Katonda kyokka ekitakyuka kye kiriwulirwa okuva ku lulimi lwange, era nga si kuvunuula okulala kwonna, kye kyawa Kubanga **BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA**, *"Omwoyo gwange oguli ku ggwe n'ebigambo byange bye ntadde mu kamwa ko tebivenga mu kamwa ko …"* (Isaaya 59:21).

Tewali muddu wa Katonda yenna eyalina eky'okwogera ku nsonga; tewali n'omu eyabuuzibwako oba nga ajja kuba mulungi okuweereza Mukama. Ebikolwa bya Katonda bya kwemalirira mu bwakabaka bwe era ne mu kkanisa ye. Kimanyiddwa gye tuli ffena nti omutume Pawulo nti yalina obuweereza obw'enjawulo era n'okulagirwa ku lwe kkanisa. Emirundi essaatu ng'ekyokulabirako kikolebwa eri okuyitibwa kwe; Ebikolwa by'abatume essuula

9, essuula 22, n'essuula 26, n'obuyinza bw'obwa Katonda yandibadde ateeka mu nkola ebisuubizo ebyawandiikibwa mu bigambo bya Isaaya 42:6 ne 49:6, ebyayogerwa ku Mukama ku kulagirwa okw'amuweebwa (Ebikolwa by'abatume 13). Lwaki? Kubanga omwo mwe tusanga ekisuubizo eky'emirundi ebibiri. Ekisooka kilaga omununuzi era n'ekyogera nti ebika bya Isiraeri birizibwa buggya. Eyo y'ensonga lwaki Mukama yasooka n'agamba, *"Temugendanga mu makubo g'ab'amawanga …"* (Matayo 10). ebiro bwe by'ajja era ng'ekitundu eky'okubiri eky'ekisuubizo ekyo, ekyali kigenda buterevu eri ab'amawanga, ky'asanga okutuukirizibwa, tusoma, *"Kubanga Mukama yatulagira bw'ati nti nkuteeseewo okubanga omusana gw'amawanga, Obeerenga obulokozi okutuusa ku nkomerero y'ensi."* (Ebikolwa by'abatume 13:47). Ebiro ebiggya n'ebitandiika, ebiseera by'enkyukakyuka okusooka. Waliwo entegeeka eya Baibuli eri ekkanisa ebyama gy'ebiteekebwa mu kyo olw'okuyimusibwa kw'akyo ky'ennyini, era ng'awaliwo enteekateeka ey'obwa Katonda eri entegeeka yonna ey'obununuzi.

Yokaana Omubatiza yamanya kigambo ki ekyatuukirizibwa mu buweereza bwe. Yali ng'abuuzibwa, "*Ye ggwe Kristo? Ye ggwe nnabbi oyo? Ye ggwe Eriya?*" *emirundi essaatu n'addamu,*"*N'edda!*" Era abo abaali batumiddwa okumubuuza baali baagala kumanya mu mazima yali ani. Okuddamu kwe okw'omwoyo kusangibwa mu Yokaana 1:23, *"Nze ndi ddoboozi ly'omuntu ayogerera waggulu mu ddungu …"* Nakyo kyabikkulwa eri Pawulo kyawandiikibwa ki ekyali kikwata ku ye mu kiseera kye. Bw'atyo n'ow'Oluganda Branham yamanya kyawandiikibwa ki ekyatuukirizibwa okuyita mu buweereza bwe. Yakiwako obujulizi mu kubuulira kwe kunji. Eryo lye lyali ejjinja ery'esitalwako eri ababuulizi bonna. Bannyizibwa, newakubadde ng'abatandiikawo obuweereza bwabwe wokka oluvannyuma lw'okubeera mu lukunggana lw'ow'Oluganda Branham. Ndina amagezi ag'omukono ogusooka ag'akino, kubanga n'ajja okumanya bangi ku bo ng'omuntu. Baakwata omusajja eyatumibwa okuva eri Katonda nga bamutwalira ddala ng'omubuulizi ow'okuwonya, ng'abakakasa ekirabo eky'omwoyo. Nabo baawa obujulizi nti obuweereza bw'ebuti tebubeerangawoko ku nsi okuvira ddala mu nnaku ez'abatume. Naye esira bwe ly'akolebwa nti awo ekisuubizo eky'ebyawandiikibwa ky'atuukirizibwa, *"Laba, ndibatumira Eriya nnabbi olunaku olukulu olw'entisa olwa Mukama …"* (Malaki 4:5-6; Matayo 17:11; Mark 9:12), tebamukkiriza. Baakakanyaza emitima gyabwe era ne batateekebwateekebwa okwewaayo bennyini wansi w'omukono ogw'amaanyi ogwa Katonda, eyali atuukiriza ekisuubizo kye yawa, kubanga ye asibibwa olw'ebisuubizo bye. Baali tebeeteeseteese okuleeka enjigiriza ey'obuwangwa bwabwe era n'ensonga zaabwe. Tebayagala kukyusa makubo gaabwe. Baali tebalina kaganya konna ne balangirira nti William Branham yali ku mulimu omutuufu ku ntandiikwa y'obuweereza bwe, naye nti yava ku kubo oluvannyuma, ng'ali kumpi kutuuka ku nkomerero.

Kaakano emyoyo giyimirira ng'agyawuddwamu nate Kulw'omuntu Katonda gwe yalonda, ebyafayo bizemu byennyini, Kaakano boogera nti, yalina okuyitibwa okw'enjawulo era n'obuweereza ku ntandiikwa, naye

oluvannyunma …" nga ensi bw'etamanya muweereza yenna atalina buweereza obw'amuweebwa Katonda, bw'ekityo ne kaakano tewali n'omu eyali awuliddeko ab'oluganda okuva mu USA mu nkulungo y'obubaka. Bannyiga nate, kubanga omuntu alaga ekyawandiikibwa kyennyini obuweereza bwe kwe bw'esigamamyeko. Ky'etagisa okwogerwa nti singa obuweereza buno tebwalina musingi mu Baibuli, tebwandisanidde okubeerawo. Abamu bemulugunya nti nteereza nnabbi. Tebafumintiriza nti singa wabaawo enjawulo wakati w'ekyo nnabbi kye yagamba n'ekyo Baibuli kye gamba, ku ekyo kitwetagisa okuddayo emabega mu byawandiikibwa tulabe ekyateekebwamu mu byawandiikibwa bibiri oba bissaatu, oba n'ebisingawo.

Ekisuubizo nti enkomerero y'ekiseera ky'ekisa kya Katonda ajja kutuma nnabbi kitegeeza buli kintu kyonna eri abalonde. Naye kaakano waliwo ebintu bissaatu ebikolebwa: "Abawandiisi" ab'amaddini tebaamukkiriza, "*Abakulembeze*" mu bubaka obw'enkomerero bamutunulira nga omutandiisi w'enzikkiriza empya, naye abo bokka abalonde bakitwala ku mutima era balikukomawo ku nzikkiriza ya bakitaabwe, ng'abakomawo ku njigiriza ey'abatume nga bwe byali ku Lubereberye. Mu kiseera kino eky'omugaso ekikulu kye kigambo eky'obunnabbi, ekitalina kuvunuulwa, naye ekirina okulabibwa mu kutuukirira kwakyo (2Peetero 1:15-21). Wulira kino, amawanga gonna: n'ensonga ey'okumaliriza ekkanisa ya Kristo, Obuweereza obw'okuyigiriza kaakano bw'amugaso nga bwe bwali ku Lubereberye (Ebikolwa by'abatume 13:1; 1Abakkolinso 12:28), so tuzibwayo emabega mu bumu bw'okukkiriza (Abaefeso 4:1-16) era nga tebazunzibwa n'akibuyaga w'enjigiriza ez'enjawulo.

Bwe kibanga kyamazima, era nga kituufu, nti obubaka bwa Katonda obw'asooka, nga bwe kyali ku Lubereberye, kaakano kibuulirwa okuyita era n'okuteekawo enjigiriza y'emu mu kkanisa ey'omugole nga Yesu Kristo tannaba kukomawo, abawala abalina amagezi abalongoofu balina okuwulira omwoyo ky'agamba ekkanisa. Be balibatizibwa n'omwoyo omutukuvu gwe gumu mu mubiri gwa Kristo okufuuka ekkanisa ey'obulamu, omununuzi alyoke agyereetere yennyini nga terina bbala newakubadde olufunyiro (Abaefeso 5:26-30). Mu bwekanya si kya kubuusabuusa nti abawala abasirusiru bajja kuyita ku ebyo Katonda byali kukola era nga yeyongera okugoberera abakulembeze abamu abetanidde okuwa eky'okulabirako ekya nnabbi, nga baleeta era ng'aboogera okubikkulirwa okw'enjawulo okuleeta egyawukana. Bonna bamatizibwa, oba bagezi oba basiru, abawulidde okuyita kw'oyo anawaasa omugole. Abamu boogera nti yajja dda, abalala nti abadde akka wansi mpolampola okuvira ddala ku kubikkulwa kw'obubonero. Tekimala okweyongera okunokola nnabbi kye yagamba, Baibuli bwe ba nga tetwalibwa ng'obuyinza obw'enkomeredde. Ng'abakulembeze b'enzikkiriza bwe bavunuula Baibuli y'emu mu makubo mangi ag'enjawulo, so ne kaakano bwe kiri n'ebigambo by'ow'Oluganda Branham (2Peetero 3:16). Eri abakkiriza kino kye kiseera eky'okweteekateeka kwabwe mu kukkiriza n'obugonvu, ekiseera ky'ogwegatta kw'omugole n'anaawasa omugole mu kwagala kw'obwa Katonda,

mu kuyigiriza okutuufu era ne mu kukkiriza okw'amazima, okwaweebwa lumu ne mu byonna eri abatukuvu (Yuda 3)!

Okuyita mu buweereza bw'ow'Oluganda Branham okuteesa kwonna okwa Katonda kwa buulirwa. Ebyama byonna ebyali by'akwekebwa bya bikkulwa. Omwoyo omutukuvu kaakano gutukulembera mu mazima gonna ag'ekigambo kya Katonda. Kaakano, ku nkomerero y'ekiseera ky'ekisa, ku nkomerero ey'olunaku lw'obulokozi, ng'olunaku lwa Mukama terunnatuuka n'enjuba nga tennaba kufuuka kizikkiza era n'omwezi okufuuka omusaayi, Ekigambo eky'obunnabbi era n'okuyigiriza okw'amazima kuli tukulembera okutuusa ku kirubirirwa ekisembayo mu kumaliriza. Okulongoosa okw'enkomeredde kitundu ku kisuubizo ekikulu eri ekkanisa eya Katonda omulamu. Anaawasa omugole ng'atannatwala mugole we ewaka, alina okuyitibwa, alina kuba ng'ayeeteeseteese. Kubanga bwe kityo kyawandiikibwa ku Yesu Kristo, Mukama waffe, "*…Eyagwanyizibwa okutwalibwa mu ggulu okutuusa mu biro eby'okulongoosezaamu byonna Katonda bye yayogereranga mu kamwa ka bannabbi be abatukuvu abaaliwo okuva ku Lubereberye."* (Ebikolwa by'abatume 3:18-22).

Kwali kusalawo kwa Katonda ow'emirembe gyonna okufuula omu ku baddu be. Emirundi n'emirundi yayogera nange mu ddoboozi eriwulikika, emirundi gyonna eriva mu waggulu, bulijo ku mukono gwange ogwa ddyo. Omulundi gumu gwoka, mu mwezi gw'omukaaga 16, 1979, nga buyingiri olunaku oluggya, nawulira eddoboozi ery'obukambwe erya Katonda ng'aka wansi ng'ekibwatuka ekitebereka ng'alikira ddala ku mukono gwange ogwa ddyo, okubwatuka kwayo nga kweyongerera ddala waggulu era nga likomenkereza mu buwanvu butono waggulu wange. Ne walyoka wajja eddoboozi ly'ebigambo mwenda, buli ddoboozi lyali kibwatuka mu kyo kyennyini (Olubereberye 3:17), era buli Kigambo omuyinza w'ebintu byonna bye yayogera kyalangirirwa mu bulambulukufu (Fano, Denmark).

Kaakano kyagala kuwa kyakulabirako ku bumanyirivu butono ezamakulu gye ndi, eri abalala kin'omu, neri ekkanisa. Kimanyi nti abo bokka abaafuna obumanyirivu obw'amazima ne Katonda ku ekyo baalizibwamu amaanyi mu kukkiriza kwabwe. Obujulizi bwange tebulina kye butegeeza eri abo abatalina nkolagana ya buntu ne Mukama. Bagenda kweyongera ng'abesiitala nakyo. Bayinza okwelowoozako boka na boka, "Kiki kye yekola yennyini?" Abalala bajja kukitegeera nti tewali muntu ayinza kubeera na kintu kyonna okuggyako nga kimuweereddwa Katonda. Omutume Pawulo yawako obujulizi nti yatwalibwa mu ggulu ery'okusatu, mu Lusuku lwa Katonda (2Abakkolinso 12). Yakikola ekyo olw'ekitiibwa kya Katonda. Ng'ogyeko ekyo yalina nate okubonerera okunene okw'ebintu bingi kulw'obuweereza bwe, nga bwe tukisanga ng'akiwandiikiddwa mu 2Abakkolinso 11. Yakola ekyo olw'ekitiibwa kya Katonda. Okubeera mu buweereza bwa Mukama kusobola okwegattibwako ebintu bingi, nga obukyayi okuyiganyizibwa , okubonaabona, naye n'obumanyirivu obw'ewunyisa n'emikisa. Bannabbi n'abasajja abatuukirivu tebaayiganyizibwa era n'ebatibwa kubanga baali bazibamisango, naye kubanga

baali basitudde Ekigambo kya Katonda. Ng'oggyeko ekyo nyinza okwogeera nti, "*Era n'ebaza Kristo Yesu Mukama waffe, ansobozeza, ku lw'ekyo yambala okuba omwesigwa, ng'anteeka mu buweereza …"* (1Timoseewo 1:12).

N'atandiika obuweereza bwange ng'ampa ekyokulabirako eky'okulagirwa kw'obwa Katonda, nga Ibulayimu bwe yakola, Musa, Omutume Pawulo, n'ow'Oluganda Branham:

- Ebintu bibiri ebisembayo Mukama bye yandagira byali: **"Omuddu wange, toteekangawo makkanisa g'akukyalo era tofulumya bitabo byo by'annyimba…"** (Krefeld). Nzikkiriza nti amakkanisa ag'okukyali gali mu byawandiikibwa, naye si mulimu gwange okuteekawo amakkanisa mu bibuga ebilala era ne mu mawanga.
  Y'enkola mu makkanisa gonna okukozesa ekitabo eky'ennyimba naffe bwe tukola. Naye, sirina kufulumya kimu kyonna. Mukama yakingamba buterevu: **"…Kubanga kabonero k'eddini."** Ekyo ky'amazima ng'amazima bwe gabeera. Buli kkanisa, buli ddini lirina ekitabo kyakyo eky'ennyimba, newakubadde ebibinja ebilala mu bubaka obw'enkomerero.

- **"Omudu wange, golokoka osome 2 Timoseewo 4, kubanga njagala okw'ogera naawe…"** (Marseille). Oluvannyuma lw'obuweereza olugulawo ekyegulo natuukirirwa n'ekibuuzo ekikwata ku bibwatuka omusanvu. Nali sirina ky'akuddamu mu kiseera ekyo. Amakya agaddako Mukama yennyini yampa eky'okuddamu okuva mu byawandiikibwa, *buulira Kigambo; beerawo lubeerera mu kiseera, newakubadde ng'atuvudde mu kiseera, ebivume, okubogolerwa, okuzibwamu amaanyi era n'okubonaabona okungi n'enjigiriza.*" Oluvannyuma lw'okusoma ekiwandiiko kino, n'ateeka Baibuli yange ku kameza akatono, n'enyimusa emikono gyange waggulu n'engamba, "Mukama omwagalwa. Ng'awatali kubuusabuusa nga bw'ondagidde okusoma ekyawandiikibwa kino, mu ngeri y'emu awatali kubuusabuusa nti ebibibwatuka omusanvu byonna ebyayogeerera waggulu tebyawandiikibwa mu Kigambo kya Katonda. N'olwekyo tekisoboka kubuulirwa." BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA. Abaddu ba Katonda ab'amazima bavunanyizibwa okusoma era n'okukuma ebigambo *ebyawandiikibwa mu Baibuli* (Okubikkulirwa 1:1-3). Ebintu byonna ebyetoolozebwa ku kigambo "enjigiriza y'ebibwatuka" ebyo bigambo bitaliko mutwe na maggulu, newakubadde ng'ebinokole mu nsobi bikozesebwa. Ago mawulire ga njwanjwa si kubikkulirwa. Tewali muntu n'omu alina buyinza kwongerako ekigambo n'ewekiba kimu ku bigambo eby'obunnabbi mu kitabo kino (Okubikkulirwa 22:18-21). akikola yenna mu ngeri yonna y'egyamu yekka.

- **"Omuddu wange, okutambula okusembayo bwe kuli tandiika jja kwogera naawe nate, kubanga awo omwoyo gwange gujja kuba nga gutuukuziddwa mu ggwe…"** (Krefeld). Ekibuga kya Zurich kyayogerwako mu bumanyirivu buno. Nzikkiriza nti Katonda ow'omuggulu ajja kukola emirimu eminpi era n'eminene abakkiriza ab'amazima mmwe balibeera.

*"Kubanga Mukama alikola ekigambo kye ku nsi, ng'akituukiriza era ng'akisalako."* (Abaruum 9:28).

- **Okwolesebwa n'enimiro y'enggaano n'ekyuma ekisiba enggaano** kyali kyamaanyi nnyo. Obumanyirivu buno buluddewo okuva edda nga kye kibadde ekisongebwamu olunwe n'abo abawakanya okuyitiibwa kwange. Emyaka mingi egiyise omuntu omu mu Hamburg yawandiika ekitabo n'omutwe ng'agugamba nti "The combine dossier". Era omwa n'andaga nti nze ndi mulabe wa Kristo era n'answaza mu ngeri esekererwa. Nze mu mazima ddala njogerera mu maaso ga Katonda omuyinza w'ebintu byonna ebyo byokka bye nalaba ne by'enawulira. Mu mwoyo natwalibwa awagazi, ku nggaano eyali ekaze. Nalaba enggaano nga yesulise wansi, ng'ayayokebwako katono n'omusana. Manyi nti okuyita mu biseera byonna eby'ekisa ekigambo ensigo esigibwa era mu buli mulembe gw'ekkanisa amakunggula g'emmeme galeetebwa. Naye ebyawandiikibwa nabyo ku ebyo ddala ebiribeerawo ku nkomerero (Matayo 3:12; a. o.) Mu Kubikkulirwa 14:15 tusoma, *"ebikungulwa eby'ensi bikaze."* Nategeera nti temwali bisusunku mu nimiiro y'enggaano yonna era n'amanya mu mwoyo nti ebisusunku byali byagibwamu dda, nga bwe kyawandiikibwa, *"… Mukunggaanye enggaano ey'omu nsiko, mugisibe emiganda …"* (Matayo 13:30). N'endyoka tunulira ku luuyi lwange olwa kkono era n'endaba ekyuma ekipya tuuku ekikola ku nggaano. Mu kiseera ekyo Mukama yayogera n'eddoboozi eriragira, **"Omuddu wange, ekyuma ekyo ekikola ku nggaano kikoleddwa ku lulwo okuyingiza amakungula. Tekikozesebwangako n'amuntu yenna …"** Mu kiseera kyennyini n'atambula n'eninya ku kyuma ekyo ekikola ku nggaano. N'ewalyoka wakwata ekizikkiza. Nga bwe n'atunulira mu bire, waali walabika ng'awaaliwo olutalo olugenda mu bire. Era n'engamba, "Mukama omwagalwa, ng'akikerezi, sisobola kuyingiza makungula. Emisango zikubye ensi." ekiseera ekyaddako omusana n'amaanyi gaagwo ne gwakira mu bire, ng'agwakayakana ku nimiiro yonna ey'enggaano. Amangu ago n'atambuza ebikondo by'ekyuma ekikola mu nimiiro y'enggaano era n'entandiika okuyingiza amakungula. Nali n'akamaliriza ekitundu ekisembayo, ebire bwe byakyuka nebifuka kizikkiza nate era wokka nga okubwatuka n'okulekana kw'ebire kwe kwawulirwa.

- **"Omuddu wange, sazamu olugendo lwo olw'ebuyindi!"** (Krefeld). Nalina maze okuggyayo empapula okuva mu b'entambula z'ennyonyi era nalina okufuluma ebweru olw'okutaano. Ennyonyi mwe nalifunye empapula ezintambuza okuva e Bombay okugenda e Madras yakwata omuliro mangu ddala ng'ayakayimuka mu bbanga, n'esanawo, era abasabaze bonna abaali mu nnyonyi 96 baafirwa obulamu bwabwe.

- **"Omuddu wange, n'akwawula nga Matayo 24:45-47 okubawanga emmere mu kiseera kyayo."** (Edmonton). Ekyo kye kyali eky'okuddamu kyange okuva mu kamwa ka Mukama, akuma Ekigambo kye okusobola okukituukiriza.

- **"Omuddu wange, ensalosalo bwe zinagulwa, ndyoke mpite omugole okuva mu mawanga g'abulaya ag'ebuvanjuba..."** (Krefeld). Mu kwolesebwa kuno nali nyimiridde mu katuti akanene mu kifo ekikunggaanirwamu. Abantu ne bayingira okuyita mu mulyango omukulu oguyingirwamu ne batula ku butebe bwabwe. N'atunulira okwetoolola n'endaba nti entebe nnyingi zali sikyali nga teziriko bantu. Ekiseera ekyaddako eddoboozi n'eryogera, ng'aliva waggulu w'etabi ly'ekinyumo w'enali nyimiridde, **"Kino bwe kibaawo, okukomawo kwange kuli kumpi nnyo!"** N'endyoka tunulira luuyi lwange olwa kkono ne kiraba nga omulyango ogwateekebwawo mangu nga gwa kufulumiramu ogw'agulwawo era ebibinja kin'omu okuva mu mawanga g'abulaya ag'ebuvanjuba mmwe bayingiriranga mu ngeri enteeketeeke. Buli Ow'oluganda eyakulemberanga ekibinja y'ajjanga ku kituti ekiyimirirwako mu maaso, n'ankwata mu ngalo, era n'ebeyongera mu maaso n'ekibinja okutuula ku ntebe zaabwe. Oluvannyuma ng'ekibinja ekisembayo kimaze okujja, n'atunulira ekifo ekyali kinetoolodde nate n'endaba nti kaakano buli ntebe yali etuliddwako. N'alina obumanyirivu buno emyaka kkumi n'essaatu ng'awakaki wa Germany tannaba kugwa era n'ensalosalo z'ebuvanjuba bw'abulaya z'agulibwawo. Mu kiseera ekyo tewali n'omu yakilowoozako nti ekibinja ky'amawanga g'abulaya ag'ebuvanjuba nti ziyinza okumulungulwa era nti obw'egasi bwa Germany n'ebulaya okubaawo.
- **"Omuddu wange, tambula ogende ku kifo ekyo ekikuli kumpi okiweeyo gye ndi ..."** (Krefeld). Ekifo ekyo lyali komera ly'abasibe mu sematalo ow'okubiri era ng'akyali kirina sengenge mg'eweza meter 2.3 nga kuliko zi wire waggulu waayo okugyetoolola. Nayitira mu kalyango akatono omwava ekifo ekifulumizibwamu ebitabo, n'entambula ekifo kyonna okukyetoolola, n'evunama wansi okuwaayo ekifonekyo mu mikono gya Katonda ow'omuggulu ku lw'ekkanisa ye wano ku nsi.
- **"Omuddu wange, genda ewali R. T., twala abakadde naawe era osome gyali ekigambo nnabbi Isaaya kye yayogerera Hezekiya. Agenda kuwona."** (Krefeld). Nali n'akafuluma wabweru oluvannyuma lw'olukunggana era mu kiseera nali kumpi n'omuti omukadde ogwali mu kifo kyennyini wakati w'enyirir biri, Mukama bwe yayogera gye ndi. Twakola nga Mukama bwe yalagira era Katonda yakakasa ekigambo kye.
- **"Omuddu wange, genda mu maaso yogera ekigambo, kubanga omukazi akkiroza taliswazibwa mu maaso ga musajja we atakkiriza."** (Krefeld). Mwannyinaffe omwagalwa yali aze mu lukunggaano n'emotoka empya nga telaga nadde km 1,000 ku koma akabala, era nga emotoka ye nga tesobola kutambula. Ab'oluganda baffe abamu abalina amagezi era nabo abakugu ku buyambi obw'okugudo baagezako okukola kye basobola, naye tebaasobola kugitereza kutambula. Nali ntambula okuyita mu kisenge eky'okusabirwamu eddoboozi lya Mukama bwe ly'ayogera, **"Omuddu**

**wange, genda mu maaso ng'oyogera ekigambo..."** Tewali n'omu ayinza okufumintiriza kikula ki ekitabuusibwabuusibwa era ky'ankomeredde ekigambo ekiva buterevu mu kamwa ka Mukama akileeta nakyo. N'engenda wabweru, n'ensisikana mwannyinaze eyali aky'etooloddwa n'aboluganda abamu n’agamba, "Ddayo mu motoka yo ovuge, kubanga bw'atyo Mukama bw'ayogedde …" mwannyinaze n'addamu, " Naye tugezezako ebintu byonna …" N'amutuukirira n'emugamba nti, "Toyogera kintu kyonna, naye genda okole nga bw'olagiriddwa mu linnya lya Mukama …" Yakikola nga bwe yalagirwa era emotoka n'etambula mu kiseera ky'ennyini, n'alyoka avuga ng'adayo ewaka, olugendo oluweeza km 250, nga tewali kizibu kyonna. Amakya agaddako musajja we, omusawo, yali ayagala okuvuga okugenda ku dwaliro, naye emotoka teyatambula. Yalina okutwalibwa mu garagi. Ekifo amafuta mwe gateerekerwa kyali kimenyese era nga ekilala kyalina okuteekebwamu ekipya. Wokka nga mu mazima Mukama ayogedde okusooka omuddu wa Katonda okubeera n'obuweereza obw'ekigambo ekyayogerwa.

- Olw'omukaaga, omwezi gw'ekkumi n'omu 18, 1978, essaawa 10:00 a.m. Mukama yayogera gye ndi bwe nali nga ndi muyafisi ey'ekitebe ky'obuweereza, ***"Omuddu wange, w'ekebejje mu kitabo ky'ebikolwa by'abatume ng'omusajja yenna yayawulibwa mu buweereza n'omukazi we."*** N'ekyuka ku luuyi lwange olwa ddyo, n'ekwata Baibuli yange n'entandiika okusoma mu kitabo ky'ebikolwa by'abatume. Mangu ddala n'ategeera nti newakubadde badeconi omusanvu bayitibwa awatali bakazi baabwe. Okuyita mu kuwabulwa kuno obunnabbi obw'obulimba obuweebwa mu kibuga kya Bremen mu mwezi gw'omukaaga 1976 tekyabikibwako ne Katonda yennyini, eyandagirira okw'ekebejja mu kitabo ky'ebikolwa by'abatume. Emirembe gyonna vunannyizibwa okugoberera ekyokulabirako ekyasooka era n'okulungamizibwa okw'ebiseera by'abatume.

- ***N'agibwa mu mubiri n'efuna obumanyirivu bw'okutwalibwa mu ggulu.*** N'alaba ng'ekibuga ekitukuvu ng'akika wansi (Edwaliro lya Krefeld).
  Mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 1980 Nali ku lugendo lw'obuweereza okuyita mu Afrika. Mu kiro kimu mu Accra, Ghana, nalumibwako emirundi enna n'ensiri. Bwe n'akomawo ewaka ng'atunnatera okutuuka ku lunaku lwa sekukulu nali sewulira bulungi. Mu mwezi omubereberye 1, 1981, natwalibwa mu dwaliro mu ambulance. Oluvannyuma lw'okukebera kyazulwa nti gw'ali musujja nga gukuliridde. Mu mwezi ogusooka 3, 1981, nawulira Prof. Dr. Becker, eyali akulira ekibinja ky'abasawo bonna ng'ayimiridde kumpi nange, ng'abagamba,” muluddewo nnyo, muluddewo nnyo, tewali kiyinza kukolebwa. Tewali dagala, tewali kukyusa musaayi kuyinza kumujuna kaakano.” Nali sisobola kwogera, naye nali kyawulira. Abasawo bwe baali baweddemu esubi ng'abatadde okuffa, nga bwe naligoyezeddwa n'omusujja ng'abuli bukya n'eyongera okugonderera, muganda wange Artur yayimirira kumabali gange n'ayogerera waggulu

nti." Yesu Kristo teyali muwanguzi wokka kumusalaba, muwanguzi ne mukisenge kino." ng'oggyeko ebyo byonna nali n'ewulira ng'ansemberedde enkomerero era ekyali ekikulu ku nze kyali, "Mukama omwagalwa, nyimirira ntya mu maaso go?" Mu kiseera kyennyini n'agibwa mu mubiri era wasi w'ebire ebya bululu, gye n'alaba abantu bangi ng'abambadde ebyeru. Bonna baali bato (Yobu 33:25). olukalala olw'asooka lwali lukoleddwa ab'oluganda, we nali nnyimiridde nange. Bannyinaffe baalina enviri empanvu ng'azika wansi ku migongo gyabwe. Ky'enzijukira y'endabika z'enviri ez'enjawulo. Mu ngeri ey'ekitiibwa ennyo tw'eyongera okutwalibwa waggulu nnyo. N'endyoka ndaba akasitaze akawula, nga bwe ky'efaananyiza nga bwe kilabika ng'enjuba yakavayo waggulu mu bire. N'amanya mu mwoyo nti twali tutwalibwa waggulu okusisinkana Mukama mu bbanga. N'endyoka tunulira waggulu era n'endaba ekibuga ekitukuvu ng'akika wansi ku kasitaze kano akali kawuliddwa. Kyali kyakitiibwa, kyali kikulu nnyo nga ky'egombesa. Kibuyaga ow'ekitiibwa eyakulukutira mu mubiri ogw'omuggulu. N'amanya: nti kuno kwe kutwalibwa mu ggulu. N'andyagadde nkomenkereze wano era eky'okwogeera ekisomoza kyoka kye nafuna bwe n'akomezebwawo mu mubiri.

- ***"Omuddu wange, nkungganyiza abantu bange awamu, bonna abaakola endagaano nange mu kuwaayo ..."*** (Krefeld). Kino ky'aliwo lumu mu mwezi gw'ekkumi n'ebiri 28, Mukama bwe yayogeera ebigambo bino gy'endi. Ky'anewunyisa nnyo ddala nti mu mulimu ebifo bibiri ebitwoleka bino: Zabbuli 50:5 n'ekyamateeka 4:10. Bonna abaana ba Katonda bakkiriza ebisuubizo era bakakasa endagaano yaabwe ne Katonda, gye yateekawo naffe okuyita mu Yesu Kristo, Mukama waffe. Ky'akolebwa ng'assaddaaka. Era kaakano abantu ba Katonda bakungganye okuwulira ebigambo bya Mukama.
- ***N'agibwa mu mubiri okutwalibwa mu ggulu.*** Oba lw'ali lusuku lwa Katonda (Varna, Bulgaria). Ekitangaala n'ekikolebwa ng'akiri mu ndabika y'amusoke, eby'ali bitambula wamu mu ddembe, ng'ebijuziddwa n'obulamu n'amanya mu mwoyo nti namulondo yali ku mukono gwange ogwa ddyo, era awo obutangaavu obwayakayakana gy'ebwetabula n'omuliro. Ku mukono gwange ogwa kkono ekibinja ky'abayimbi abasajja ky'ali kitunulidde namulondo era ng'akiyimba Zabbuli 34 mu lulimi oluGerman okusinzira ku kukyusa kwa Luther. Ebigambo, "*Malayika wa Mukama asiisira okwetooloola abo abamutya N'abalokola*" n'ekiryoka kigoberera ebintu ebibiri eby'ali bibaddewo era ng'akyo ky'anjawulo ku byo, ***"Malayika wa Mukama kaakano aliwano!"*** Oluvannyuma lw'okuyimba "*Mulege mutegeere Mukama nga mulungi: Aweereddwa omukisa oyo amwesiga*", ekibinja ky'abayimbi ky'ayimba n'amaloboozi gonna ng'agawuluguma nti, ***"Mukama kaakano aliwano!"***

N'andyeyongedde okugabana obumanyirivu obw'omuwendo bwe nafuna okuyita mu myaka gyonna emingi. Kubanga buli bumanyirivu ku obwo nsobola

okuyita Katonda okuba omujulizi wange mu linnya lya Yesu Kristo. Ekigambo n'okuteesa kwonna okwa Katonda tekubikkulwngako bwe kutyo emirembe gyonna nga bwe kikoleddwa mu bulambulukufu ne wona mu biseera byaffe. Mazima ddala, Katonda y'ebikkulira abatume be ne bannabbi kye yali ateeseteese eri ababe okuvira ddala edda ng'omusingi gw'ensi tegunnabaawo (Abaefeso 3), era mu biseera bino ebisembayo naye abikkuliddwa gye tuli.

## Okulungamizibwa kwa Katonda mu myaka makumi ana agayise

Isiraeri yatambulira mu ddungu okumala emyaka makumi ana n'ebalyoka balemererwa okuyingira ensi ensuubize. Ekigambo kya Katonda ky'ali mu ssadduku y'endagaano. Naye eky'avamu ekimaliriza ky'ali kiri kyennyini ekiswaza. Kino kiringa ekintu ekikutukako ng'atokisuubidde: Omutume Pawulo ageregeranya Isiraeri n'ekkanisa mu kiseera ky'enkomerero, "*Naye ebyo byababaako abo okubeeranga ebyokulabirako; era byawandiikibwa olw'okutulabulanga ffe abatuukiddwako enkomerero z'emirembe.*" (1Abakkolinso 10:1-13). ekyo si kigenyi? Emabegako abantu ba Katonda baasubwa etiiko yaabwe eyakamalirizo ng'oggyeko empagi ey'omuliro era n'olwazi olw'akubibwa, nebilala bingi, nebilala bingi. Obutawulira, okw'emulugunya, n'okusinza ebifaananyi kwe kw'ali okugwa kwabwe. Bonna abaatambula ne Musa abaali abasajja bonna baali bakomole. Nga tukyali ku ebyo, bonna baffa, newakubadde nga baali bakomole, "*…kubanga tebaawulira ddoboozi lya Mukama*" (Yoswa 5:6b). Ezzadde lyokka eriggya ery'ali ly'akomolwa lyayingira mu nsi ensuubize. Akulembera eggye lya Mukama n'alyoka alabikira Yoswa n'ekitala mu mukono gwe (Yoswa 5:13-15) era obuwanguzi n'ebulabisibwa.

Leero tulina okubuuza, "*Ani akkiriza ebigambo byaffe? Era ani abikkuliddwa omukono gwa Mukama?*" (Isaaya 53:1). Ani eyagondera enjiri (Abaruumi 10:16)? eyalina obumanyirivu bw'omunda obw'okukomolebwa kw'omutima gwe (Abaruumi 2:28-29)? Ani eyafuna obumanyirivu obw'okuzibwa obuggya n'Omwoyo omutukuvu (Abakkolosaayi 2:11)? Olubereberye, okukyusibwa kikulu, naye tulina okuwangula ebigezo by'ekiseera mu kukkiriza ne mu bugonvu, tulyoke tutuuke ku kirubirirwa ekimaliriza oluvannyuma lw'okutuukiriza okwagala kwa Katonda (Abaebbulaniya 10:36). Ezzadde eriggya ly'ayingira mu nsi ensuubize mu buwanguzi. Ky'ekimu ne kaakano bigendera ddala eri abaana b'ekisuubizo abakkiriza ekigambo ky'ekisuubizo (Abaruumi 9:6-10; Abaggalatiya 4:28-29). Tebasigalira ku bintu ebyaliwo mu myaka makumi ana, attaano, nkaaga oba myaka kikumi egyayita. Tebabeera mu bukunsu, naye babeera kitundu ku ebyo Katonda byakola kaakano.

Awamu n'abo bonna abakkiriza obubaka bw'obw'aKatonda tutunulira mu maaso, ng'atuzibwamu amaanyi, ng'atugumiziddwa okuyita mu mikisa gy'ebyewunyo obw'emyaka makumi ana agayise egyo Katonda mu kitiibwa gye yatugabirira mu nsi zonna. Naye omulabe teyalemererwa kukyukira mulonde. Emabegako edda Mukama n'agamba Peetero „'*Simooni, Simooni, laba, Setaani*

*yeegayiridde okubawewa mmwe ng'eggaano…*" (Lukka 22:31). Tetwagendera ku kino, naye kyaliwo.

Mu mwezi gw'okuna 1974 tw'alina omukolo gw'okuwaayo ekizimbe ky'ekkanisa, ekyazimbibwa ku kitundu ky'ettaka Katonda kye yali alaze mu kwolesebwa. Okutuukira ddala ku nkomerero y'emyaka gy'ensanvu twafuna obumanyirivu bw'emikisa mingi era n'okubaawo kwa Katonda, okusingira ddala mu kkanisa y'okukyalo mu Krefeld. Ebirabo by'omwoyo omutukuvu byaliwo era n'ebintu byamaanyi ga katonda byakolebwa. Abantu baava mu bibuga ebilala okujja okuwulira Ekigambo. Mu kiseera ky'ekimu n'asobola okukola olugendo lwange olw'obuweereza buli mwezi okutwala obubaka obw'omuwendo ku nkomerero z'ensi. Mu makati g'ensanvu, omwaka 1977 gw'ali mwaka ogw'ateekebwako nnyo esira ng'omwaka ekiseera ky'ekisa gw'ekigenda okukomenkerezebwa. Ow'oluganda Branham yali ayogeddeko ku mwaka 1977 emirundi egiwerako ku kikwata ku nkomerero y'ekiseera, naye teyateekawo lunaku. Ab'oluganda abaalowooza nti buli kigambo Ow'oluganda Branham y'ayogeera nti ky'ali ky'enkana nga "*BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA*" Baali bakakasa ddala nti omwaka 1977 ekiseera ky'ekisa ky'ali kirina okukomenkerezebwa.

Mu kukkiriziganya n'emirimu gyonna egya Katonda, yekka asalawo ekiseera, era n'essaawa, kyamusanyusa Yennyini okumpa ekiragiro ku lw'okuttaano, omwezi gw'omusanvu 16, 1976, okusingisibwa okwo kw'ali kunenyezebwa nnyo mu bukunsu obumu obw'obubaka bw'enkomerero. Nali n'akamala okutambula okwetooloola ebugwanjuba bw'ekizimbe ky'ekkanisa, ekizikkiza ky'ali kitandiise okukwata, bwe nawulira eddoboozi ly'ekiragiro kya Mukama, ng'agamba, "Omuddu wange wange, tambula mu kifo kyonna eky'okwongerwako. Kiweeyo mu mikono gyange era ozimbe mu kifo ekyo, kubanga abantu barijja okuva mu mawanga mangi abalyagala okusuzibwa." obuziiba bw'ekiragiro kino magezi agamanyiddwa. Ku lw'ebalaza omwezi gw'omusanvu 19, 1976, n'ayogeera ne nanyini kifo. Y'ambuulira eteekateeka ze ez'omumaaso ez'ekifo kino era n'agamba, "sisobola kukuguza kifo kino." n'akomenkereza okwoogerezeganya kuno n'ebigambo," Tolke, jukira, Mukama Katonda atadde omukono gwe ku kitundu ky'ekifo kyo eky'okwongerwako ku kifo kyaffe, ekkanisa kw'eyazimbibwa."

Oluvannyuma lwa ssabbiiti ssaatu nga ziyise, mu mwezi gw'omunana 9, 1976, n'annyina kifo y'ankubira esimu nga tezinatuuka essaawa munana ez'okumakya n'agamba, "Omubuulizi Frank, ndina okuguza ekifo ekyo. Tugenda ddi?" Endagaano n'ekolebwa mu mwezi gw'omunana 12, 1976. n'annyini kifo y'ankubira esimu ng'atezinaweera ssaawa munana kumakya n'agamba, "Omubuulizi Frank, ndina okuguza ekifo ekyo. Tugenda ddi?" Endagaano n'esibwako omukono mwezi gw'omunana 12, 1976. olw'okugula ettaka n'ebizimbe eby'ali ku ttaka eryo by'ali tebikwatagana n'anjigiri nti bwe bunnatuukira mu 1977 y'enabeera enkomerero. Ekizimbe ekisooka bwe ky'ali kitandiikibwa, Ow'oluganda Paul Schmidt yajja gye ndi ku ttaka eryo n'agamba,

"Ow'oluganda Frank, ekizimbe kino tekigenda kumala kitundu ky'abantu abanajja." Amakya agaddako n'abikkula Baibuli yange era amaaso gange n'egalaba ekyawandiikibwa mu 2Ebyomumirembe 14:6, awo e Baibuli ey'olugerman ey'ogeera nti, "*Era n'ebazimba ebizimbe nga tewali kibalobera era ne baba basanyufu.*" Gy'endi kwali kuzibwamu maanyi okuva eri Mukama. Bwe kityo ebizimbe bibiri n'ebiteekebwawo mu mwaka 1977/78. nyinza okwogeera n'okutegeera okulambulukufu, nga Nuuwa bwe yakola mu Lubereberye 6:22, Musa mu Kuva 40:16 ne Eriya mu 1Bassekabaka 18, nti nkoze ebintu bino byonna nga bwe n'alagirwa era n'ekigambo kya Mukama.

Nga tumaze okukola nga Mukama bwe yalagira era ng'ebizimbe biwedde okusobola okukyaza abagenyi, Setaani yakola byonna bye yali asobola okuziyiza ekyo Katonda kye yali ayogedde okubaawo. Kituufu, teyawangula ku ekyo, mu kyo kyennyini ekikakasiza ddala nti mazima mulimu gwa Katonda. Isiraeri n'ekkanisa ey'amazima bye bibaddenga bitunuliddwa n'omulabe. Yerusaalemi yakubibwa emirundi mingi era n'esanyizibwawo emirundi kkumi namwenda. Ne kaakano ekikwatibwako tekiri Telavivi, oba Haifa wabula Yerusaalemi, Ekibuga kya Katonda. Era bwe kityo tekiri ku kkanisa yonna, wabula ekkanisa ey'amazima eya Katonda omulamu eyo y'etunuliddwa mu ngeri ey'enjawulo n'omulabe era eddwaniro ery'omwoyo leero. Okusinzira ku kubikkulirwa 12, ku nkomerero y'ogusota ogunene guli yimirira mu maaso g'omukazi ng'agugezako okulimba omwana w'obulenzi eyayawulibwa okufuga amawanga (Okubikkulirwa 2:26-290, nga tannatwalibwa mu kitiibwa.

Mu kiseera ky'ennyini, omulabe teyategeera ekyo Mukama kye yali alagidde era n'agamba, "Obukulembeze bwa Frank, Russ, Schmidt bulina okugenda.", Kubanga Katonda yali amaze okuteekawo ab'oluganda abalala. Era kituufu babiri ku bo n'ebajja mu maaso ne balinnya awabeera abakulembeze mu kifo ekiyimirirwamu. Nekiryoka kyogerwa nti, "Temwayitibwa Katonda, mwayitibwa Setaani. Mulimu gwo era si mulimu gwa Katonda, n'olwekyo gulina okusanyizibwawo." kyali kye kirubirirwa ekyalangirirwa n'omulabe okutyobola obuyinza bw'oyo asitula ekigambo n'ekikonde kino, era n'ab'oluganda ababiri Katonda be yateeka ku luuyi lwe baali bakoleddwa okuba abatali besigwa mu maaso g'ekkanisa. Ow'oluganda Branham yagamba, **"Beera mwegendereza. Gukusinga bw'oyogera ekigambo ekibi ku mugandawo ekitali kituufu, si kumufumitabufumisi kiso mu nsingo okumutta; oyinza okumenya empisa ye era n'omutta, okutta endabika ye, okwogera ku mubuulizi wo wano, okwogera ekintu ekibi ku ye, olinga omukubye esasi; okumwogerako ebintu ebitali bituufu, mazima, kijja kutta endabika ye mu bantu n'ebintu ebiri nga ebyo, era nga gukusinze."** (57-09-22). Setaani yalina ekigendererwa, yali ayagala okuteekateeka eky'okuyimirirako mu kkanisa ey'waka era ne mu nsi yonna eri abo abasitula okuvunuula kwe n'enjigiriza ekyamu. N'olwekyo mu kusooka yali alubiridde okusanyawo obuvumu mu oyo asitula Ekigambo eky'amazima ekya Katonda.

N'okutuusa leero kisigalawo nga Mukama bwe ya kyogera emyaka mingi egyayita n'eddoboozi ery'okulagira, "Omuddu wange, baweeyo mu mikono gyange abakadde Leonard Russ ne Paul Schmidt…" Obuweereza bwa b'oluganda bano ababiri bubadde bwa mukisa mu myaka amakumi ana mu kkanisa y'okukyalo era ne mu mawanga mangi ag'enjawulo. Ly'ali ddoboozi ly'erimu ery'okulagira erya Mukama ery'andagira mu 1976 okugula ettaka lino era n'okulizimbako. Ebizimbe bibiri ebinene by'azimbibwa era okuyita mu myaka gyonna amakumi abiri mu ttaano tubadde n'obusobozi okusuuza abantu nga bisatu n'ebina okuva mu mawanga gonna ag'ensi ku gandalo erisooka erya buli mwezi.

Geyeena yonna yali evuddeyo okuziyiza enteekateeka ya Katonda ey'enkomerero mu kitundu kyayo eky'ali kisinga omugaso okusanyawo omulimu ggwe mu ngeri yonna esobooka. Obulumbaganyi obukulu, nga bwe bw'ali busuubirwa, bw'atuunulizibwa eri oyo asitula Ekigambo. Okwogera eby'obulimba obusuka ekipimo, nga gasuka ekintu kyonna mu ndowooza yonna enyoonyoolwa ng'omuntu tayinza kukijamu makulu, byasansanyizibwa mu nsi yonna, ebintu ebitayinzika kuddibwamu wano. Empisa ey'okutta n'ekutandiikibwawo, ebyo ebitawulirwangako, n'ekirubirirwa eky'okutta emyoyo gy'abantu bangi. Bonna abakkiriza okutwalibwa n'emyoyo egyo egisanyawo n'okutuusa ku lunaku luno bakkiriza era ne basasanya obulimba bwe bumu. Tebakiteeka yadde mu nkola n'akaseera katono nti mu bugenderevu batyooboola akamu ku kiragiro, "*Towaayirizanga muntu munno.*" (Okuva 20:16). Mu Baruumi 1:30 tusoma ku, "*…abalyolyoma, abakyawa Katonda…*" mu 1Abakkolinso 5;9-12 tumanya abantu bano bebageragerananyizibwako.'

Okuttibwa kw'abaana ku kuzaalibwa kwa Musa era nabo abasi b'abaana ku kuzaalibwa kw'omulokozi waffe nabo bayiganyizibwa ku kyalo, nga kikolebwa mu kitundu ekyo kyoka. Setaani mulimba era mussi okuva ku Lubereberye (Yokaana 8:44), Kayini naye yali mussi (1Yokaana 3:12), era omukkiriza yenna akyawa baganda be abeera nga kayini, awatali kuggyako kintu kyonna. Bw'ekityo bw'ekyogera Ekigambo kya Katonda, "*Buli muntu yenna akyawa muganda we ye mussi; era mumanyi nga tewali mussi alina obulamu obutaggwaawo nga bubeera mu ye.*" (1Yokaana 3:15). Bonna abakyamiziddwa okuva kw'olwa era ne bataba n'akwagala okuwulira Ekigambo kya Katonda ekitaggwaawo balisomozebwa ku lunaku olwo. Omuntu yenna kin'omu atatwala kwagala kw'amazima mu kaseera katono ku lunaku olusalawo ab'annyikiddwa mu kukkiriza obulimba. Okutaawulurwa tekusoboka. Omuntu yenna agulawo omutima gwe ku ekyo Setaani ky'agamba mazima ddala akigalira ku ekyo Katonda ky'agamba. Omusana n'ekizikiza, obulamu n'okufa by'ayawulwa emirembe gyonna.

Kaakano fenna tulina okw'ebuuza mu maaso obanga okusalawo kwa Katonda kusobola okutaganjulwa. Waliwo omuntu yenna alina obuyinza okusaba ab'oluganda ababiri okujibwawo, abakadde abateekebwawo ng'okulagirwa kw'obwa Katonda? Kyali kituufu okuzimba ebizimbe ng'ekigambo kya Mukama

okusuuza abagenyi, oba ky'ali kituufu ku kyo, mu butafaana, okubuulira abo abaali baze wano nti egandalo erisooka mu mwezi gw'okutaano 1979 oluvannyuma lw'enkunggaana nti bonna balina okuddayo ewaka, ng'agamba, "Ebintu byonna wano biweedde emirembe gyonna." Kuno kwe kusalawo omutu yenna kw'atayinza kuteeka kumabali era nga ky'amuntu kin'omu mu butaggwaawo bwonna. Tobeeranga mu bakyamizibwa, Katonda tagenda kukkiriza yennyini kubeera ekisekererwa!

Abo abasigalidde ku mazima ng'abesigwa tebasobola kulaba nti ab'oluganda ne bannyinaffe abaawulirisa Ekigambo kya Katonda wano, abaalokolebwa era n'ebawonyezebwa era ne babeera n'obumanyirivu bwabwe ne Mukama, babatizibwa era okumala emyaka n'ebetaba ku mmere ya Mukama, nti nate bayinza okubakyukira mu ngeri ey'obukyayi bungi ne baziyiza ekwatagana mu by'empuliziganya. Buli mukkiriza ow'amazima alina okukimanya nti Yesu Kristo yaggyawo ekisenge kya wakati ekyawula era n'asanyawo obulabe. Okuyita mu ye tulina obununuzi, okutabagana era n'okusonyiyibwa ebibi byaffe byonna. "*Kubanga ye gye mirembe gyaffe, eyafuula byombi ekimu, n'amenyawo ekisenge ekya wakati ekyawula, bwe yamala okuggyawo mu mubiri gwe obulabe, tawuleti ey'ebiragiro ebiri mu mateeka; alyoke atonde mu ye yennyini abo bombi okubeera omuntu omu omuggya, okuleeta emirembe; era alyoka atabaganye bombi eri Katonda mu mubiri gumu olw'omusalaba, bwe yattira obulabe ku gwo …*" (Abaefeso 2:14-16).

Buli omu amanyi nti obulabe n'okusanyizibwawo tekuyinza kuva eri Katonda. Waliwo kimu kyoka ku bisooboka ebibiri: Amazima ky'ekyo Katonda kye yasalawo era n'ekyo ekiyinza okulabibwa wano ku kitebe ky'obuweereza, oba ekyo Setaani, bulijo alabika nga Malayika w'omusana, y'ayagala okufuna.



Ku gandalo erisooka erya buli mwezi abantu nga lw'enda okuva mu nsi yonna bajja ku kitebe ky'obuweereza okuwulira Ekigambo kya Katonda era n'okulisibwa eby'omwoyo. Embuulira ezabuulirwa mu lulimi oluGerman

kaakano zikyusibwa mu nnimi kkumi nabiri, okusobozesa bonna abaliwo kaakano okuwulira Ekigambo nga kibuulirwa mu lulimi lwabwe. Mu kiseera ky'ekimu ab'oluganda ne bannyinaffe okuva mu nsi yonna basobola okutwegattako mu kusaba kwaffe buterevu okuyita ku mitimbagano. Gano mazima agatayinza kw'eganibwa era ng'ageyogerera. Ekibuuzo kino kiri kw'elaga kyoka: bayinza batya abo ababeera mu kibuga kino era n'okumanya ebikwata ku kuyitibwa n'ekiragiro okuvugibwa n'ekirowoozo nti omuntu oyo tasanidde n'ebayita ku kifo Katonda yennyini kye yalonda? Tebaganye muntu, wabula Katonda yennyini, akola ebintu byonna ng'etegeeka ze ez'obulokozi bwe ziri. Ky'amakulu ki ekiri eri abo okwogera ku bubaka, ku nnabbi, ku kutwalibwa mu ggulu? Okwo kwe kwagala okutuukiridde Omutume Pawulo n'ow'Oluganda Branham kwe yayogerako, okutaliko nkomerero era mu kumaliriza kuliyingira mu kitiibwa?

Omuntu yenna agana emikisa gy'enkunggana ez'ekitiibwa ze twalina okuva mu myaka gy'ensanvu, gye twamanyirira ku lw'amanyi ga Katonda, ali mu kabi k'okuvola Omwoyo omutukuvu. Okw'ekalakasa kw'atandiikira mu kaseera wokka ng'okwagala kw'omuntu kw'eyinula okuba okusukulumu okusuka okufukibwako amafuta, okusuka ekigambo n'okwagala kwa Katonda. Omuntu yenna mu kumalirira ddala ageregeranya ekyo Mukama yennyini kye yayogera n'ekyo omulabe kye y'asiga wansi w'okusikkirizibwa kw'obulimba alitegeera mangu ddala kiki ekituufu era kiki ekituukiriziddwa. Fenna tulina okuyiga okuva ku somo lino elikulu eri bonna abalijja mu maaso. Okutuusa ku nkomerero twetaga era tulina okusaba ku lw'ekirabo ky'okusala omusango bulungi. Kyonna Katonda ky'agamba kibeera ng'ekigambo kye era **bulijo kikolera ku lw'okuzimba ekkanisa.** Omulabe ky'asiga ne kyakola **bulijo kikulembera mu kusanyizibwawo.** Katonda akozesa baddu be bokka. Omulabe alonda omuntu yenna gy'asanga ng'alina abagoberezi era awo ng'alubirirwa okuleeta obukosefu bungi. Ekyazimbibwa emyaka mingi n'obuyambi bwa Katonda, Setaani, omuwabi w'ab'Oluganda, yagezako okusanyawo mu lunaku lumu.

## Ebyawandiikibwa tebiyinza kudiba

Ng'oggyeko okuyitibwa kwabwe okw'obw'aKatonda, abasajja ba Katonda baasigala bantu, newakubadde baali bayitibwa bakatonda (Zabbuli 82:6;Yokaana 10:34). ekitundu ky'obwa Katonda ky'ali Kigambo, mu ekyo baagabana obuzaalirwana bw'obwa Katonda, nga bwe tukola naffe (2Peetero 1:3-11). Mu kiseera ky'ennyini oluvannyuma lw'ebigambo bino Mukama n'agamba, "*Ebyawandiikibwa tebiyinza kudiba…*" Yokana 10:35). kituufu, ebyawandiikibwa tebiyinza kudiba. Okuyitibwa kwa Katonda n'okwawulibwa kwa nkomeredde, tebiyinza kukyusibwa era gabeera mazima emirembe gyonna – bw'atyo mwoyo omutukuvu bw'ayigiriza (Abaruumi 8:28-39; Abaefeso 1; a.o.). Ebyawandiikibwa tebyayinza kudiba kubanga Nuuwa lumu yalina omwenge mungi (Olubereberye 9). Nuuwa yasanga ekisa ne Katonda, so kyawandiikibwa,

era ekyo ky'ekyamazima. Yasigala nga ye mubuulizi w'abatuukirivu. Yandiganiddwa era n'okusekererwa, wabula tewali n'omu eyali ayinza okumugamba okulekulira. Mukama yennyini y'abuulira emagombe eri abo abaatakkiriza bubaka bwa Nuuwa ne basigala mu butawulira. Abaana ba Katonda ab'obulenzi n'abo baali mu abo (Olubereberye 6) Emagombe ekiseera kyali kiweeddewo okulokola emmeme zaabwe (1Peetero 3:18-22). **BW'ATYO BW'AYOGERA MUKAMA,** "*…Era nga bwe byali mu nnaku za Nuuwa, bwe bityo bwe biriba ne mu nnaku Z'omwana w'Omuntu.*" (Lukka 17:26).

Ibulayimu yali tayinza kulagirwa okulekulira Kubanga yali ne Agali era nalyoka awasa Ketula. Ebyawandiikibwa bigamba, " *…nti nkufudde jjajja w'amawanga amangi, mu maaso g'oyo gwe yakkiriza, ye Katonda azuukiza abafu …*" (Abaruumi 4:17). Ekyawandiikibwa nga tekiyinza kudiba Musa ng'atute omukazi omu Ethiopia nga Mukazi we. Miryamu ne Alooni baali tebalina buyinza kw'ogera bubi ku muganda waabwe Musa (Okubala 12:1). Awo Koola, Dasani, Abiraamu – Abasekerezi – Baali tebalina buyinza okusaba Musa alekulire era n'okusikkiriza ekkanisa yonna okumulwanyisa n'okuleta egyatika (Okubala 16).

Ekyawandiikibwa nga tekiyinza kudiba kubanga Dawudi yakola obwenzi. Mu mateeka Katonda teyayogera kintu kyonna ku kuwasa abangi. Yagamaba wokka, "*Oba ng'awasa omulala …*" (Okuva 21:10). Mukama naye n'agamba, *Omusajja bw'abanga n'abakazzi babiri…*" Wabula nalyoka agamba, "*Bwe basanganga omusajja ng'asula ng'asula n'omukazi eyafumbirwa bba,bombi bafenga …*" (Ekyamateeka Olw'okubiri 22:22). Obufumbo buteekebwa wansi w'okutangirwa buterevu okwa Katonda so bwe gatyo n'amaka. Dawudi yakola obw'enzi era ng'amateeka yalina okukubibwa amayinja awamu ne Basuseba. Dawudi yamenya amateeka abiri, "*Tottanga*" era "*Toyendanga!*" Dawudi yali mwezi kubanga yatwala mukazi wa Uliya, era yali mussi kubanga yakola nnyo omusajja we okuttibwa. Okwebaaza kubeere eri Katonda bwe kiba bw'ekityo bwe kiri kunze.

Ekyawandiikibwa tekiyinza kudiba. Dawudi yasigala nga nnabbi, Dawudi yasigala Kabaka, era bonna bye yayogera ng'annabbi mu mwoyo byakola era emirembe gyonna birituukirizibwa. Naye, kibeerawo emirembe gyonna nga ky'amazima nti Katonda yakola Kaawa *omu* ku lwa Adamu, era nga Pawulo bw'awandiika, "*…buli musajja abeerenga ne mukazi we ye, na buli mukazi abeerenga ne musajja we ye.*" (1Abakkolinso 7). Ani eyandigumidde okunenya Dawudi n'agaana okusoma Zabbuli, nga bwe kyawandiikibwa, "*Aweereddwa omukisa Mukana gw'atabalira butali butuukirivu…*" (Zabbuli 32:2). Okusonyiyibwa kw'okusobya kwonna kutuukiridde nnyo nti Mukama tajukira kibi nate. Okulumbagana omuntu olw'okusobya kwe kitegeeza okuvoola Katonda era n'okusa wansi omusaayi gw'Omwana gw'endiga, omusaayi gw'endagaano empya, era n'okuteeka Kristo eyakomererwa ku musalaba mu buswavu.

Mu bulamu obw'omukka n'abaddu ba Katonda bulijo tebaawangulanga mu kukola birungi bisanyusa n'okwagala okutuukiridde okwa Katonda. Ebiseera ebimu nabyo Katonda akkiriza okwagala kwammwe okukolebwa. Okwongera

kw'ebyo, Ekigambo ky'ebaafuna era ne kiturekerwa bwe kiri kaakana n'emirembe gyonna Ekigambo kya Katonda ekituukiridde. Katonda, Oyo amanyi ebintu byonna, Ye yasaalawo mu kuyita abaddu be. Yesu Kristo, Omwana wa Katonda, yaweebwa ekitiibwa eky'awaggulu ennyo "*Mutabani wa Dawudi*". Ani eyandigumidde okubuuza okusalawo kwa Katonda? Omuntu bw'atyo ayinza okuba nga aliko emyoyo emibi oba ng'ayagaanibwa Katonda. Bano abanyoomi bayogerwako mu Bikolwa by'abatume 13:41, "*Laba, mmwe abanyooma, mwewuunye, mubule; Kubanga nze nkola omulimu mu nnaku zammwe …*" Ekintu ekikulu leero gwe mulimu gwa Katonda, newakubadde ng'omulabe agezako ng'abwasobola okuyimirira mu kubo lye. Yesu yawangula byonna. Tagenda kukkiriza makubo g'emagombe okuwangula ekkanisa ey'amazima. Abanyoomi bulijo bafuna ensonga; bagezako okuleetawo obw'egugungo ng'abalwanyisa abo abalina obuweereza obw'ateekebwawo Katonda. Baayingizibwa mu kyama mu kkanisa eyayitibwa (Abaggalatiya 2:4) era nabo bagamba nti balina obuweereza. Ne leero bagamba, "Ekkanisa yonna ntukuvu. Buli w'oluganda yenna yayitibwa. Bonna balina obuweereza." bawaabira abo abaateekebwawo Katonda nga bagamba, "Obuyinza bwo obujja wa? Olikusuula enfufu mu maaso g'abantu." Obutafaanana n'ekyo y'ensonga. Okuyitibwa kw'obwa Katonda mubeeramu ebyo Katonda bye yagamba Pawulo, " *… kyenvudde nkulabikira, nkulonde obeerenga omuweereza era omujulirwa w'ebyo mw'ondabidde era ow'ebyo mwe nnaakulabikiranga, nga kuwonya mu bantu ne mu b'amawanga, nze gye nkutuma okuzibula amaaso gaabwe, bakyuka okuva mu kizikiza badde eri omusana n'okuva mu buyinza bwa Setaani badde eri Katonda balyoke baweebwe okuggibwako ebibi n'obusika mw'abo abatukuzibwa olw'okukkirizibwa nze.*" (Ebikolwa by'abatume 26:16-18).

Katonda assawo bakabaka b'ensi era abaggyawo (Danyeri 2:21). Wabula abasajja abateekebwawo mu bwakabaka bw'omwoyo bassibwawo na Ye. Omuddu wa Katonda alina okukola ekyo kye yalagirwa, newakubadde nga kimuleetera ekitiibwa oba buswavu. Kubanga abamu we tuli "*Omulokozi wa Kristo mu bulamu*", *ku lwa balala* "*omulokozi mu kufa*" (2Abakkolinso 2:14-17). Newakubadde nga Mukama waffe era omukulu yateekebwawo eri abamu okuyimirira era n'eri abamu okugwa, ku lw'akabonero akaayogerwako, era awo ebirowoozo by'emitima n'ebiryoka bibikkulwa (Lukka 2:34-35). Buli muntu yenna atuukirizenga obulokozi bwe yennyini mu kutya n'okukankana (Abafiripi 2:12). Bino ebigoberera bigenda eri abalonde, awatali kyonna kiggibwako, "*Newakubadde obugulumivu, newakubadde okugenda wansi, newakubadde ekitonde kyonna ekirala, tebiiyinzenga kutwawukanya na kwagala kwa Katonda okuli mu Yesu Kristo Mukama waffe.*" (Abaruumi 8). Era ekiteekebwa mu nkola ky'ekyo Omutume kyeyawandiika, "*Pawulo omuddu wa Katonda, era omutume wa Yesu Kristo, ng'okukkiriza kw'abalonde ba Katonda …*" (Tito 1:1). Omulimu gwe tulina kwe kubuulira enjiri etaggwaawo eya Yesu Kristo, ng'amwotwalidde buli kintu ekiwata ku bwakabaka bwa Katonda, mu mawanga gonna. Ky'enkanyi ekyomugaso kwe kukkiriza kw'abalonde okwaweebwa omulundi gumu ku lwa byonna eri abatuukirivu (Yuda 3).

Kiruma abantu abali mu bubaka obw'enkomerero kaakano bwe batakkiriza nga ebyawandiikibwa bwe bigamba wabula ng'abakwatirira endowooza zaabwe n'okubikkulirwa okw'enjawulo kwe boogerako. Ebyafayo by'obulamu, ebyafayo by'okuyima, n'ebilala, tebilina kyakukola n'ekigambo ekyasuubizibwa eky'ekiseera kino, wabula biri kitundu mu kukola ekibinjja ky'enzikkiriza okuva mu muntu, ekintu ekiteekeddwateekeddwa obulungi okuweereddwa omuntu. Emisalaba egy'embawo, ebiwomeerera, ebitundu by'amateerekero kaakano bigabibwa kubanga birina akakwate ku nnabbi – ebintu bino birimu okukkiriza okuva ku butamanya era bilagibwa nga by'efaananyiza mu makkanisa egakyaliwo ku lw'ago ag'asooka edda mu kibinjja ky'enzikkiriza, wabula nga tegalina kyakukola n'enjiri ya Yesu Kristo. Tuteeka Obuweereza bw'ow'Oluganda Branham mu ntegeeka yakwo ey'omwoyo era tubeera ewala nnyo okuva ku kibinjja kyonna eky'etwala ng'akyoyo wabula nga tekisigala ku Kigambo.

Ku lw'okuyigiriza nti Ow'oluganda Branham yali alina okubeera n'obuweereza bwa weema ekisuubizo bwe kityo tekiri mu byawandiikibwa. Nga tweyongeddeyo, enjigiriza nti Mukama ng'amalayika w'endagaano ng'

Okubikkulirwa 10 nti yamala dda okukka wansi si y'amazima, era n'enjigiriza endala zonna enkyamu ezikwata ku bibwatuka, n'wbilala bingi, ezitambuzibwa wonna. Okujja kwa Mukama, oba ng'anaawasa omugole (Matayo 25:31-36) oba nga Malayika w'endagaano (Okubikkulirwa 10:1-7), bulijo ky'egattira ddala n'amazima era okubeerawo kwe mu buntu, ne mu mubiri (parousia). Buli mu kujja ebintu bibaawo era bwe biriba mu mazima ddala nga bwe byayogerwa okubeera mu kaseera ako, okutuusa ku kujja kwa Mukama Katonda bw'aliyimirira ku bigere bye ku lusozi olwa Zeyituuni (Zekkaliya 14:4).

Ekigambo kya Katonda bwe kitatwalibwa nga kikulu, awo kiki ekiyitibwa "Eddoboozi lya Katonda" tekiyinza kubeera ddoboozi lya Katonda. Katonda yalaga ebirowoozo bye eby'obulokozi mu Kigambo kye. Lwaki abantu abeteekewo bokka na bokka mu bifo bya waggulu tebalina kye babuulira bantu okuva mu mwaka 1965 okutuuka mu 1985? Katonda talina kye yakola okuva mu bbanga ery'emyaka egyo era n'atatandiika nate okutuusa mu 1985? Mukama atute nnabbi we, wabula okwongera ku ekyo yateekawo ekubo nti obubakaka busobole okweyongera mu maaso awatali kutataganyizibwa. Ani eyandigumidde okugaana kino?

Tekirina makulu okutonatona entaana ya nnabbi ng'agazimbibwako mu ngeri ey'omuwendo omungi era n'ebateekateeka ekifo nga kyakulamaga, nga mu byonna temukkiriza ebyo Katonda byali kukola mu kaseera kano. Abawandiisi n'abafaalisaayo nabo edda baatona amalalo g'abannabbi? Abaana ba Katonda ab'amazima batwala ekyo mu mutima Mukama yennyini be yagamba ku abo be yayita era ne b'eyatuma, "*Abawulira mmwe, ng'awulira nze; anyooma mmwe ng'anyooma nze; n'oyo anyooma nze ng'anyoma eyantuma.*" (Lukka 10:16).

Tuli kumpi nnyo okutuuka ku ntiko yaffe. Ng'okutegeeza kw'assaddaaka ebiweebwayo by'endagaano enkadde kyawandiikibwa, " *...ebitayinza kumutuukiriza oyo aweereza mu bigambo by'omwoyo.*" (Abaebbulaniya 9:9). Mu kulaga ssaddaaka eweebwayo etuukiridde eya Yesu Kristo ku musalaba tusoma, "*Kubanga olw'okuwaayo ssaddaaka emu yatuukiriza okutuusa emirembe gyonna abatukuzibwa .*" (Abaebbulaniya 10:14).

"*Mutuukirize essanyu lyange, mulowoozenga bumu, nga mulina okwagala kumu, omwoyo gumu, nga mulowooza bumu; temukolanga kintu kyonna olw'okuyomba newakubadde olw'ekitiibwa ekitaliimu, wabula mu buwombeefu buli muntu agulumizenga munne okusinga bwe yeegulumiza yekka.*" (Abafiripi 2:2-3).

"*...nduubirirwa okutuuka awawakanirwa awali empeera ey'okuyita kwa Katonda okwa waggulu mu Kristo Yesu. Kale ffe fenna abaatuukirira, tulowoozenga ekyo: era bwe mulowooza ebirala mu Kigambo kyonna, era Katonda alibabikkulira n'ekyo.*" (Abafiripi 3:14-15).

"*Kale tutyenga nti okusuubiza okw'okuyingira mu kiwummulo nga bwe kukyatulekeddwa, omuntu yenna ku mmwe aleme kulabika nga takutuuseeko.*" (Abaebbulaniya 4:1).

"*Awangula ndimuwa okutuula awamu nange ku ntebe yange ey'obwakabaka, era nga nange bwe nnawangula, ne ntuula wamu ne Kitange ku ntebe ey'obwakabaka.*" (Okubikkulirwa 3:21).

Omuntu yenna akkiriza obunnabbi bwa Baibuli obutuukirira leero era n'ategeera omugaso gw'ebyo ebiriwo kaseera kano, ebintu ebikyukakyuka mu nsi bijja kutuuka ku nkomerero yaabyo nti tuli kumpi nnyo okutuuka ku ntiko yaffe. Kimu ekirungi okutunulirwa ebintu ebiriwo mu kaseera kano, eky'okutunulwa ekirala Isiraeri, n'ensi z'abasiramu era n'eteekateeka y'okwegatta kw'enzikkiriza era n'okwegatta mu by'obufuzi mu bulaya, okutunula mu nkulankulana y'ensi, ekirala okutunula mu bukulembeze bw'ensi era n'olyoka otunula e Roma – ebyo byoka bituleeka ng'atukyetaga okutunula waggulu, kubanga Mukama waffe yagamba, "*Naye ebigambo ebyo bwe bitanulanga okubaawo mutunulanga waggulu, muyimusanga emitwe gyammwe; kubanga okununulibwa kwammwe kunaatera okutuuka.*" (Lukka 21:28-36).

## Okutunula kumu okusembayo okw'emyaka makumi ana agaayita

Mu myaka 1960s nali buulira mu mawanga g'ebuvanjuba bwa Bulaya. Emabegako edda "Iron curtain" okulwanagana mu by'obufuzi kwali ku kyeyongera oluvannyuma lwa sematalo ow'okubiri era ng'asikyangu ku senseera munda. Ng'oggyeko ekyo Ekigambo ky'amala ne kituuka ebuvajuba bwa Bulaya. Oluvannyuma lwa 1989, sakyalira kibuga kya Moscow kyoka, wabula munda mu Soviet Union, n'okutuukira ddala mu Ural era ne Siberia, era n'ebuvajuba wa Bulaya yenna. Waliwo obuvunanyizibwa bunene obwegattiddwa ku kuyitibwa kwa Katonda, obuvunanyizibwa obunene ku nsi.

Era abo abalina okutya kwa Katonda bategeera nti singa nate gyogera ku bumanyirivu buno obw'omugaso, awo wokka ng'aduubirirwa okuwa omusana ku ebyo Katonda byakola olw'ekisa kye, mu bw'esigwa bwe eri ekkanisa. Waliwo obumanyirivu obw'obuntu abakkiriza bwe balina, ng'okukyusibwa, okuzaalibwa okuggya, okubatizibwa kw'omwoyo omutukuvu, okuwonyezebwa, n'ebirala bingi. Era waliwo obumanyirivu buterevu obuyungiddwa ku nteekateeka ey'obulokozi era nga bya makulu mangi eri ekkanisa. Bannabbi n'abatume baalina obumanyirivu ng'abantu, wabula ng'obumu buyingiddwa ku kkanisa n'etegeka z'aKatonda ez'obulokozi. Kino okusingira ddala kigenda eri Omutume Pawulo era mu ngeri y'emu n'ow'Oluganda Branham, kubanga bombi baalina okulagirwa okw'enjawulo.

N'andyagadde nate okuwa ekyokulabirako ku kiseera oluvannyuma lw'omwaka 1965. Okuvira ddala ku Lubereberye Ow'oluganda waffe omwagalwa Alexis Barilier yayimirira olw'obubaka. Katonda yamukozesa mu kusooka mu mawanga agogeera olu French mu Bulaya era n'oluvannyuma mu mawanga ga Afrika n'okusukawo. Ye n'ekibina kye baatwala obuvunanyizibwa obw'okukyusa okubuulira kw'ow'Oluganda Branham mu era n'e bitabo byaffe mu lulimi olu French. Akya kola engendo ze mu mawanga ga Afrika okubuulira Ekigambo eky'amazima ekya Katonda. Empeera ennene erindiridde ow'oluganda waffe ow'omuwendo. Yamanya ow'Oluganda Branham ng'omuntu, yeetaba mu nkunggaana ze mu 1955 mu Switzerland era nga eyalaba n'amaaso ge era ku lw'ensonga eyo ng'asobola okuwa obujulizi n'obugumivu bw'ebyo Katonda byakoze mu biseera byaffe.

Ow'oluganda Etienne Genton naye yeetaba mu nkunggaana z'ow'Oluganda Branham n'alaba obuweereza obw'enjawulo. Obuweereza bwe bubadde bwa mukisa munene okuvira ddala ku Lubereberye, okusooka mu Italy era n'etulyoka tugenda mu mawanga mangi. Muganda waffe naye akyusa okubuulira kw'ow'Oluganda Branham era n'ebitabo byaffe mu lulimi olu Italian. Ab'oluganda bano bombi baawaayo obulamu bwabwe eri obuweereza bwa Mukama. Mazima ddala bagabana ekigambo kya Katonda ng'ababawa emmere ey'omwoyo.

Ow'oluganda Detlef Mehnert, eyatwalibwa ewaka mu kitiibwa mu mwezi gw'okuna 2003, yalina obw'enjawulo, wabula nga ky'enkanyi omulimu ogw'omgaso. Bwe yali nga tali kumirimu gye egy'okusaka amawulira, yatandiika okuteekawo empuliziganya n'abamaddini oluvannyuma lwa 1989. Mukama yamukozesa mu ngeri ey'enjawulo ennyo. Okuyita mu ye n'asobola okwogerako okumala ssabbitti enamba ku setendekero ekulu erya Moscow eri abasomi bonna abasoma eby'enzikkiriza ya Baibuli. Olw'ebirubirirwa bye ebyali ebyamaanyi, yawangula mu kufuna endagiriro empya nnyingi mu nsi yonna, yadde ne mu mawanga g'abayisiramu. Isiraeri yali ekwata ekifo eky'enjawulo mu mutima gwe, era yaleeka emabega ekimanyiso ky'ebigere bye mu bwakabaka bwa Katonda. Empeera ennene erindiridde ow'oluganda ono omwagalwa mu kitiibwa.

Okuyita mu myaka egyayita Ow'oluganda okuva mu Paris, Didier ne Gilbert, Ow'oluganda Leonard okuva mu Brussels, Ow'oluganda Urs Graf okuva mu Switzerland, era n'ow'Oluganda Walter Muller okuva mu Austria babadde ba mukisa eri ab'oluganda bangi mu mawanga ag'enjawulo. Nkumi n'akumi z'aboluganda bangi mu nsi yonna basigadde nga bagenda mu maaso n'ekigambo era ng'abaweereza abantu ba Katonda. Abamu ku bo bavunanyizibwa ku makunggaaniro amanene n'emilimu gy'obuweereza. Tubegattako bonna mu kwagala kwa Katonda.

## Okumaliriza

Oluvannyuma lw'okulaba ebyo Katonda byakoze mu biseera byaffe, tuli bakakafu ng'atutunulira oyo atalabika ng'ab'amulaba (Abaebbulaniya 11:27), kubanga tumanyi nti alituukiriza buli kisuubizo kye (Abaruumi 4:13-25). Ebintu Katonda byakoze olw'ekisa kye mu bwakabaka bwe, okusingira ddala mu kiseera ky'emyaka amakumi ana agaayita, byasuuka bye twali tusuubira. Kituufu ddala Ky'ateekawo omusingi gw'ekyo ekigenda okuddako okubaawo. Ekigambo kya Katonda kyali era kikyatwalibwa mu nsi yonna okuyita mu ngendo z'obuweereza eza buli mwezi, Okuweereza okuyita ku telefayina (TV), ebitabo, empapula eziteereddwako obubaka, n'embbaluwa ng'azikwata ku masomo ag'omugaso aga Baibuli. Mu lulimi oluGerman ng'abikwata ku masomo ag'omugaso aga Baibuli. Mu lulimi oluGerman tulina embuulira z'ow'Oluganda Branham 200 nga w'eziri, ezifuulumizibwa buli kaseera olw'obwetavu obungi. Enkunggaana z'etubeera nazo buli ku gandalo erisooka erya buli mwezi ziteebwa ku ntambi n'ezitumibwa mu b'oluganda abaweereza okw'etooloola ensi, era oluvannyuma bagabana kye bafunye n'abalala.

Mu mwezi gw'okuna 1966 naleeka omulimu gwange n'entandiika obuweereza obujuvu. N'amaziga amangi nawaayo obulamu bwange eri Katonda ow'eggulu mu kusaba n'ensaba oyo ey'anteeka mu buweereza bwe okunyamba okubuulira Ekigambo kye mu kubo nti bonna abawulira ekigambo okuva ku lulimi lwange bakkirize era balokoke. Ne n'eyongera okumusaba obutanzikkiriza kwogera kintu kyonna akitayinza ku yimirira mu maaso ge era n'okulabirira ekkanisa ye mu bwakabaka bw'omwoyo era n'omulimu gwe mu bwakabaka bwe by'enfuna. N'egamba Mukama nti siryogera ku nsimbi era n'obutesigalizanga biweebwayo.

Olw'ekisa kye tulabye obwesigwa bwe. Tutumye ebitabo w'abweru, entambi, n'empapula ezitereddwako obubaka mu nsi zonna nga teziriko mutemwa gw

onna. Tewali kintu kyonna kitundibwangako era n'ensimbi tezogerwako. Ekikulu kyaffe kwe kugatta omulembe guno n'obubaka bwa Katonda. N'ensimbi ezikozesebwa mu ngendo z'obuweereza, ensimbi ezisasanyizibwa mu kufulumya n'okuweereza ebitabo n'emikutu mingi egy'empuliziganya nga telefayina (TV), ne misala zaabo abaweebwa emirimu mu kifo kino abakola akaseera kona n'abakola emirimu akaseera katono bulijo tubadde tubasisinkana.

N'andyagadde okutwala akakisa kano okusingira ddala okwebaza abo mu mawanga agogera olulimi oluGerman mu makati ga Bulaya (Central Europe), okusingira ddala abakkiriza mu Germany, Austria, ne Switzerland abawagidde omulimu guno okuva ku Lubereberye. Mu biseera bitono ebiyise bagattiddwako abantu batono abalondemu okuva mu mawanga amalala. Mu mawanga gonna ag'enjawulo abakkiriza bawagira emirimu egy'okukyalo. N'andyagadde n'okwebaza abo bonna abakuma omulimu guno ogwa Katonda kumpi n'emitima gyabwe era nga bakulemberwa okuwanirira ebigere byabo abasituula enjiri etaggwaawo (Isaaya 52:7; Abaruumi 10:15). Katonda ow'omuggulu mu kubo ery'omuwendo akuwe Omukisa mu linnya lya Yesu Kristo, Mukama waffe.

Tetumanyi bbanga ki erisigaddewo, wabula mazima ddala si bbanga gwanvu nnyo. Ka tusigale ng'atutegeera, kozesa akaseerako n'amagezi, era beera mw'etegefu okukola ng'abukyali musana, kubanga ekiro kijja ng'omuntu yenna takyayinza kukola. Weebwa omukisa mu linnya lya Yesu Kristo omunazaaleesi era n'emirembe gya Katonda egitambula mu kutegeera kwonna gibeere nammwe. Omwaka 2006 gubeere mwaka gwa Jubilee (emyaka attaano), awo abakkiriza bonna ab'amazima basobola okuddayo mu mw'oyo ogw'asooka. Wabula, muzijukire mu kusaba kwammwe era n'omulimu gwonna n'ab'Oluganda bonna mu buweereza.

Olw'okulagira kwe

Bro. Frank



Omuwandiisi y'omu yakoze ku mu masoma agasinga omugaso ebyawandiikibwa ebitukuvu ge byogeerako empapula zino eziteereddwako obubaka zifulumizibwa mu nsi yonna mu nnimi ez'enjawulo era bubadde omukisa ogw'oluberera era ab'oluganda bangi

Ku kitebe kino eky'obuweereza tufulumiza obubaka obwa buulirwa Ow'oluganda Branham, obusobola okutumibwa mu bwetavu eri bonna abayayana okubifuna. Olukalala olw'ebitabo lusobola okuweebwayo.

Mission Center
P.O Box 100707
47707 Krefeld
Germany

Phone: +49-2151-545151
Fax: +49-2151-951293

E-mail: volksmission@gmx.de or

E. Frank@freie-volksmission.de

Homepage: http://www.freie-volksmission.de

© by the author and publisher E. Frank

✻✻✻✻✻✻✻